Katonda Ow'Amaanyi Nga Abikkuddwa Mu Maaso Gaffe

Nninawo Ebyawandiikibwa ebitonotono bye nnawandiise, bye nnandyagadde okukozesa nga njogera gye muli, era nneesiga nti Katonda anaawa omukisa okufuba kwaffe okutono.

2 Kati, abantu bangi beewuunya lwaki twawukana nnyo ku balala na lwaki tuleekaana nnyo. Omanyi, luno lukuŋŋaana lwa—lwa njawulo ku ezo abantu ze—ze bamanyidde okulaba. Kuba, bulijjo, buli kimu kikolebwa kusinziira ku nkola eba yategekebwa edda egobererwa bulijjo. Naye bwe tujja mu nkuŋŋaana zino, kye ntwala okuba nti kibadde kya mukisa gyendi okumala emyaka egiwerako kasookedde zitandikibwa, kyenkana tuba tetumanyi na biki bye tugenda kukola. Ffe tujja buzzi ne twewaayo. Ky'ekyo kyokka kye tumanyi. Olwo Katonda n'akola ebisigadde. Kale ekyo kitufuula abantu abeeyisa mu ngeri ey'enjawulo ennyo.

3 Luli, waliwo eyagamba nti, "Omanyi, bantu mmwe ddala muli ba kyeneena."

Ne ŋŋamba nti, "Weewaawo, ki—kirabika ddala kye tuli."

4 Era nzijukira olumu ku nkuŋŋaana. Ow'oluganda Troy lumu yali ambuulira ku Mugirimaani eyagamba nti yafuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Kati enkeera, mu dduuka gye yali akolera, yagiranga n'ayimusa emikono n'atendereza Mukama, n'ayogera mu nnimi n'agenda mu maaso bw'atyo, ekitalabika bulungi eri abamu. Oluvannyuma, mukama we n'ajja n'agamba nti, "Heini, mutawaana ki?"

5 N'agamba nti, "Ha, nnalokose." N'agamba nti, "Omutima gwange gujjudde essanyu."

6 N'amugamba, "Kati nno, oteekwa okuba wabaddeko emmanga eri n'ekibinja kya nnatti kiri."

7 N'agamba nti, "Weewaawo. Ekitiibwa kibe eri Katonda!" N'agamba nti, "Mukama yeebazibwe olwa zi nnatti." N'agamba—n'agamba nti, "Ggwe ddira emmotoka yonna, eri ku luguudo." N'agamba nti, "Giggyeemu nnatti zonna, tojja kusigaza kirala kyonna okuggyako 'ekiwowongole ekyereere.'" Ate nga ddala ekyo . . . Mumanyi, kituufu ddala.

8 Lumu, mu California, nnali ntambulatambula ku nguudo mu kibuga Los Angeles, ne ndaba omusajja eyalina ekipande mu kifuba kye, ne *wano*. Nga agamba nti, "Ndi musirusiru wa Kristo." Nga buli muntu bw'amutunuulira. Ŋŋenda okulaba nga bwe bagira ne bakyuka ne baddamu ne bamutunuulira,

nga amaze okuyitawo. Muli nange ne ndowooza okukola nga bwe bakoze. Kati ku. . . mugongo gwe, nga abuuza nti, "Ggwe oli musirusiru w'ani?" Weewaawo. Ndowooza ffena tweyisa mu ngeri etategeerekeka, buli omu eyawukana ku ya munne, omanyi.

9 Naye, omanyi, ensi egenda n'emanyiira ebintu okuba nti bikolebwa mu ngeri y'emu, okutuusa nti ssinga wabaawo ekintu kyonna ekyawukana kirabika nga ekitategeerekeka, abantu ne batuuka n'okulowooza nti oba oli awo kikyamu. Ate nga ebiseera ebisinga Katonda kimwetaagisa okukola ekintu ekitali kya bulijjo, okusobola okukomyawo abantu ku Bayibuli nate.

10 Nkubamu akafaananyi nga Nuuwa ateekwa okuba yalabika nga—nga nnatti, eri omulembe ogwo ogw'ekinnassayansi gwe yalimu, kubanga baali basobola okukakasa nti mu bwengula teriiyo nkuba. Naye Katonda yali yagamba nti yali ya kubaayo. Kale, Nuuwa, olw'okubuulira n'okukkiriza ekintu nga ekyo, kyamufuula nnatti.

11 Era nkubamu akafaananyi nti ne Musa bwe yaserengeta e Misiri, ateekwa okuba yalabika nga—nga nnatti, eri Falaawo. Naye mujjukire nti, ne Falaawo, yali nnatti gy'ali, naye. Kale baa. . . Ekyo tukiraba.

12 Ne Yesu yatwalibwa nga abuulira ebikyamya. Bwe kiri. Martin Luther yali nnatti, eri ekleziya Katolika. Ne John Wesley yali nnatti, eri Abangirikaani. N'olw'ekyo, mumanyi nti, kye—kye kiseera wabeewo nnatti endala. Mmwe mulowooza mutya? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Naye, nga tewannabaawo nnatti, omanyi, okusooka, wateekwa okubaawo omusumaali, kw'enaasibibwa.

13 N'olw'ekyo, Nuuwa nga bwe yali nnatti, ya. . . Nnatti yetaagisa, y'esika omusumaali, n'esika ekintu n'ekinyweza wamu kyonna, era n'ekisiba ne kiba wamu. N'olw'ekyo, Nuuwa yasobola okusika abo bonna abaasobola okukkiriza, n'abayingiza mu kyombo, n'abawonya omusango, mu bwa nnatti bwe.

14 Tukiraba, nti, ne Musa yasobola okusika ekkanisa n'agifulumya Misiri, mu bwa nnatti bwe. Bwe kiri.

15 Ndowooza twetaagayo nnatti ne kaakano, okusobola okusikayo Omugole okuva mu kkanisa. Twetaagayo ekintu leero, ekirala, kale n'olw'ekyo tuli bantu ba njawulo nnyo. Era nnalowoozezza, akawungeezi ka leero, nti Mukama bw'anaaba ayagadde, nja kugezaako okubaako Ebyawandiikibwa bye nsoma ebikwata ku kino, njogereko gye muli okumala akaseera, era ngezeeko okubalaga lwaki tuli bantu ba njawulo nnyo bwe tuti.

16 Ka tubikkule mu Byawandiikibwa kaakano, mu Bafiripi essuula ey'oku 2, 1-8, ne mu Bakkolinso Eky'okubiri 3:6. Era tusome, nga bwe tukkiriza Ekigambo kya Katonda.

17 Kaakano, nga tetunnasoma, leka tukoteke emitwe gyaffe tusabe.

18 Kitaffe ow'ekisa Ow'omuggulu, mazima ddala tuli bantu ba mukisa, akawungeezi kano, okubeera mu mulembe guno, n'okulaba ebintu bye tulaba ebigenda mu maaso, n'okukimanya nti ekiseera ddala kisembedde, Yesu lw'anajja okunona Ekkanisa Ye. O, ekyo nga kisanyusa emitima gyaffe, Mukama! Era nga bwe tubikkula empapula, akawungeezi kano, tukusaba Otuwe omulamwa oguli mu kitundu kino kye tusoma. Era leka Omwoyo Omutukuvu emitima gyaffe agibikkulire ebintu ebyo ebirungi era ebisanyusa Katonda. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

19 Omanyi, nzikiriza nja kubasaba mubeeko kye mukola. Nte—ntera okubaako ebintu ebitali bya bulijjo bye nsaba bikolebwe, era ka nsuubire nti kye mbasaba si kipya nnyo. Naye bwe tuba tuwera mu maaso ga bbendera, ffenna tuyimirira. Era—era bbendera bw'eyitawo, tuyimirira; era ekyo, kye tusaanye okukola. Ne bwe tuba tukuba ssaluti, tuyimirira. Kale leka tuyimirire ku magulu gaffe nga bwe tusoma Ekigambo, bwe muba musobola, Abakkolinso Eky'okubiri 3:6.

> *Oyo* . . . atuyinzisizza *ng'abaweereza b'endagaano empya; si baweereza ba nnukuta, wabula ab'omwoyo: kubanga ennukuta etta, naye omwoyo guleeta obulamu.*
>
> *Naye oba—naye oba nga okuweereza kw'okufa okwali mu nnukuta,* okwasalibwa ku *mayinja, kwajjira mu kitiibwa, abaana ba Isiraeri n'okuyinza ne batayinza kwekaliriza maaso ga Musa olw'ekitiibwa ky'amaaso ge; ekyali kigenda okuggwaawo:*
>
> *Okuweereza okw'omwoyo tekulisinga kuba na kitiibwa?*
>
> *Kuba oba nga okuweereza okw'omusango ky'ekitiibwa,* bwe kityo *n'okuweereza okw'obutuukirivu kweyongera nnyo okusukkiriza ekitiibwa.*
>
> *Kubanga ekyaweebwa ekitiibwa tekyakiweebwa mu kigambo kino, olw'ekitiibwa ekisinga ekyo.*
>
> *Kuba oba ng'ekyaggwaawo kyalina ekitiibwa,* kyenkana wa . . . manya *eky'olubeerera kisinga nnyo okuba n'ekitiibwa.*
>
> *Kale nga bwe tulina essuubi eryenkana awo, twogere n'obuvumu bungi.*
>
> *So si nga Musa eyeebikkanga ku maaso ge, abaana ba Isiraeri balemenga okwekaliriza enkomerero y'ekyo ekyali kiggwaawo:*
>
> *Naye amagezi gaabwe gaakakanyazibwa: kubanga n'okutuusa leero eky'okubikkako kiri kikyaliwo mu*

kusomebwa kw'endagaano enkadde; ekyo kivaawo mu Kristo.

Naye n'okutuusa leero, ebya Musa bwe bisomebwa, eky'okubikkako kiri ku mutima gwabwe.

Naye bwe gulikyukira *Mukama waffe, eky'okubikkako kiriggibwaawo.* Si . . .

Naye Mukama waffe gwe Mwoyo: era awaba Omwoyo gwa Mukama waffe, we waba eddembe.

Naye ffe ffenna, n'obwenyi *obuggiddwako eky'okubikkako* tulaba *bwe tumasamasa ng'endabirwamu ekitiibwa kya Mukama waffe,* okufaananyirizibwa *engeri eri okuva mu kitiibwa okutuuka mu kitiibwa, nga ku bw'Omwoyo gwa Mukama waffe.*

20 Ne mu Bafiripi 2, tusomayo bino, nga tutandikidde ku 1, ne tusoma okutuuka ku lunyiriri olw'o 8.

Kale—kale oba nga waliwo okukubagiza kwonna mu Kristo, oba ng'okusanyusa kwonna oku'okwagala, . . . okussa ekimu kwonna oku'Omwoyo, oba ng'okusaasira okw'ekisa,

Mutuukirize essanyu lyange, mulowoozenga bumu, nga mulina okwagala kumu, mu *mwoyo gumu,* era *nga mulowooza bumu.*

Temukolanga kintu kyonna olw'okuyomba newakubadde olw'ekitiibwa ekitaliimu; wabula mu buwombeefu buli muntu agulumizenga banne *okusinga bwe yeegulumiza yekka.*

Temutunuuliranga buli muntu ebibye yekka, era naye buli muntu ne . . . n'eby'abalala.

Mmwe mubeerengamu okulowooza kuli, okwali ne *mu Kristo Yesu:*

Oyo bwe yasooka okubeera mu kifaananyi kya Katonda, teyalowooza kintu ekyegombebwa okwenkanankana ne Katonda:

Naye yeggyako ekitiibwa, bwe yatwala engeri y'omuddu, n'abeera mu kifaananyi ky'abantu:

Era bwe yalabikira mu mutindo ogw'obuntu, ne yeetoowaza, nga muwulize okutuusa okufa, era okufa okw'oku musaalaba.

21 Ka tusabe.

22 Kitaffe Ow'omuggulu, Ekigambo kino ekikulu ekisomeddwa, akawungeezi kano, okuva mu Byawandiikibwa Byo Ebitukuvu, kifuule kya nnamaddala nnyo eri emitima gyaffe, tutuuke okuva wano nga bali abaali bagenda Emaawo, nga twogera nti, "Emitima gyaffe tegyatutyemuse bwe yabadde

ayogera naffe mu kkubo?" Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Muyinza okutuula.

23 Kati, ekitundu kino ekisomeddwa si kya bulijjo n'akatono, naye muli ndowooza nti kikwatagana n'ensonga gye tuliko. Nnayagadde njogere ku ky'okuyigako ekigamba nti: *Katonda Ow'amaanyi Nga Abikkuddwa Mu Maaso Gaffe*.

24 Kati, omuntu kasookedde abaawo, mu mutima gw'omuntu mubaddengamu enjala, nga ayagala okuzuula wa gye yava, n'ensonga lwaki ali wano, ne wa gy'alaga. Waliwo Omu yekka asobola okwanukula ekyo, ye Oyo eyamuleeta wano. Era omuntu okuva edda n'edda ayagaddenga nnyo okulaba ku Katonda.

25 Edda mu Ndagaano Enkadde, tukiraba nti Katonda yeekwekanga abatakkiriza obutamulaba. Katonda alina engeri gy'akolaganamu n'abantu eyewuunyisa ennyo ddala. Yeekweka atakkiriza ate ne yeebikkulira omukkiriza. Katonda ekyo ky'akola. Yesu yeebaza Kitaawe, kuba, ebintu bino yabikweka abagezigezi n'abakababakaba, n'abibikkulira abaana abato abasobola okuyiga. Kale, tukiraba nti Katonda tajjulukuka, mu nkula Ye, era okuva edda n'edda lyonna Akola emirimu Gye mu ngeri y'emu. Tulaba, mu Malaki 3, nga yagamba nti, "Nze Katonda, sijjulukuka." N'olw'ekyo, Akolera ku nnono y'emu, ebbanga lyonna.

26 Kaakati bwe tukwata ekimu ku bitabo bya Bayibuli ebisingayo obukadde. Yobu, omu ku basajja abaali basingayo obutuukirivu ab'ebiro bye, omusajja eyali atuukiridde mu mateeka ga Katonda, omuweereza, ow'eggonjebwa, omuweereza ow'ekitiibwa, n'okutuusa nti Katonda yagamba nti, "Tewali n'omu ali nga ye, mu nsi." Naye . . . yalina okuyaayaana, lumu, okulaba ku Katonda. Yali akimanyi nti waliyo Katonda, naye nga awulira yandyagadde okumulabako, oba, bwe kitaba ekyo, agendeko Ewuwe akonkone ku luggi, agambe nti, "Nnandyagadde okwogerako naawe." Atuule wansi, ayogereko naye, nga bwe twandyogedde buli omu ne munne.

27 Tulina engeri gye tutegeeraganamu. Eyo ye nsonga lwaki tuli mu nkuŋŋaana zino, we tujja awamu ne—ne twogera endowooza zaffe. Era—era buli omu, ayongera okutegeera munne, ebintu bwe tubikubaganyaako ebirowoozo awamu. Era ekyo abaweereza bakikola. N'abantu aba buli kika bakikola, bakubaganya ebirowoozo.

28 Ne, Yobu, Katonda yali wa nnamaddala nnyo gy'ali, n'atuuka n'okwagala okumanya oba nga tasobola kugenda, n'akonkona ku luggi Lwe, n'a—n'abaako ne—ne by'amubuuza.

29 Naye tukiraba nti oluvannyuma Katonda yayogera naye, wabula Yali abikkiddwa. Yali abikkiddwa mu mbuyaga ey'akazimu. Era n'Agamba Yobu yeesibe ekimyu; kuba Yali agenda kwogera naye, nga omusajja. Era n'Akka wansi mu

mbuyaga ey'akazimu n'a—n'ayogera ne Yobu. Bw'atyo Yobu n'amutegeera okuyita mu mbuyaga ey'akazimu, newankubadde teyamulabako na maaso. Yawuliranga buwulizi mbuyaga nga ekunta nga bwe yeetooloola, mu miti. Era Eddoboozi ne liva mu mbuyaga ey'akazimu, wabula ye Katonda yali abikkiddwa mu mbuyaga eyo ey'akazimu.

30 Kati tukiraba nti, emmanga eri mu Afirika, mu Maserengeta ga Afirika, bakozesa ekigambo *amoyah*, ekitegeeza, "amaanyi agatalabika."

31 Kale Amaanyi gano agatalabika, agaali mu mbuyaga ey'akazimu, gaalina Eddoboozi eriwulikika. Eryayogera eri Yobu, newankubadde teyalaba ku ndabika Ye. Wabula Yali abikkiddwa, ye obutamulaba, olw'embuyaga ey'akazimu.

32 Tulaba omu ku bannabbi ba Bayibuli abakulu, Musa, ow'omu Ndagaano Enkadde, omu ku baweereza ba Katonda abalonde, abeerobozebwa, abaateekerwateekerwa, naye yayagala okumulabako. Yamuli nnyo ku lusegere, era yali alabye ebintu bingi nnyo eby'omukono Gwe ogw'amaanyi ogutalabika nga gumukulembera mu maaso nga gukola ebintu nga Katonda yekka y'asobola okubikola. Lumu n'ayagala okumulabako, era Katonda n'amugamba nti, "Genda, oyimirire ku lwazi."

33 Aba ayimiridde ku lwazi, Musa n'amulaba nga Ayitawo. N'alaba omugongo Gwe. N'agamba nti, "Gwali gulabika nga ogw'omuntu, nga omugongo gw'omuntu." Wabula, teyalaba Katonda. Yalaba bulabi ekyo ekyali kibisse Katonda.

34 Bayibuli egamba nti, "Tewali yali alabye ku Katonda wonna wonna, wabula Oyo omu yekka eyazaalibwa Kitaffe y'Amutegeeza." Kale, Musa yamulaba, nga Omuntu, nga abikkiddwaako. Tulaba nti Yakuwa ow'Endagaano Enkadde ye yali Yesu ow'Endagaano Empya.

35 Era—era wano Dokita Scofield, tulaba nti, ekigambo kye yakozesa, okukyuka okuva mu "nkula emu." Tusangawo ekigambo *en morphe,* mu Luyonaani, ekitegeeza nti "ekyo ekitalabika kyalabisibwa." Ekintu ekitasobola . . . Nga tumanyi nti weekiri. Kisobola oku . . . tekirabika, naye tumanyi nti weekiri. Era bwe yakyusa enkula Ye, eya *en morphe,* kitegeeza nti yakyuka okuva mu mbeera y'obutonde obusukkulumu okudda mu butonde obwa bulijjo.

36 Era yakyusa bukyusa kakookolo Ke, oba tuyinza okugamba nti, yali nga katemba. Yalina ekitundu ky'azannya. Mu Buyonaani, bwe baakyusanga obukookoolo bwabwe, oba oli awo mu gumu ku mizanny- . . . omuzannyi omu yabanga n'ebitundu eby'enjawulo by'azannya.

37 Ne muwala wange, waali na wano, eyo ku ssomero lyabwe babaddeyo, n'o—n'omuzannyo. Era waliwo omulenzi omu gwe mmanyi, eyazannya ebitundu nga bina, naye yagiranga n'agenda

emabega w'olutimbe n'akyusa a—akakookolo ke, okusobola okukomawo, azannye nga omuntu omulala.

38 Kati, bw'okwata obunnabbi bw'Endagaano Enkadde obukwata kw'ebyo Masiya bye yalina okuba, bw'obugeraageranya n'obulamu bwa Yesu, ofunira ddala ekyo kyennyini Yesu kye yali. Teyali muntu buntu owa bulijjo. Yali Katonda, *en morphe*. Yali akyusiddwa okuva—okuva mu mbeera y'obutonde obusukkulumu okudda mu nkula eya bulijjo ey'Omuntu. Naye nga, yali Katonda, alabisiddwa mu mubiri, nga abikkiddwaako n'ekibikkako eky'omubiri, ogw'omuntu.

Era weetegereze Endagaano Enkadde.

39 Ma—ma—mmanyi nti njogera eri abantu ab'endowooza ezitali zimu, akawungeezi kano, abava mu bitundu by'ensi eby'enjawulo. Era tuli wano okuzuula. Kiki kye—kiki kye tukola? Kiki—kiki kye tuli? Kiki kye tuluubirira? Kiki ekigenda mu maaso? Bino byonna bitegeeza ki?

40 Kale kaakano tukiraba, muno, nti, ssinga basajja mmwe nammwe bakazi mmwe Abayudaaya, ne balabbi abaali mu—mu—mu yeekaalu, mu biro ebyo ebyayita, ssinga beekenneenya Bayibuli, n'obunnabbi, mu kifo ky'obulombolombo, bandisobodde okutegeera Yesu kye yali. Tebandimuyise Beruzebuli. N'okumukomerera tebandimukomeredde. Wabula, byonna byalina okukolebwa nga bwe byakolebwa. Byonna kitundu ku muzannyo. Era mu nsonga eno, baazibwa buzibwa maaso.

41 Kiringa bangi ku mmwe abasajja, n'abakazi, abali wano akawungeezi kano, oba oli awo be twenkanya emyaka oba abansingako obukulu. Mujjukira nti, wano mu Amerika, mu myaka egy'edda, nga tewannaba . . . Abacayina . . . Muganda wange, eyaakamala okweyanjula wano, ekyo kinzijidde mu birowoozo bwe mbadde njogera naye. Engeri gye baateranga oku . . . Baali tebasobola kwogera Lungereza, ate nga be—be baali bakola ogwa ddobbi. Kati bwe wagendanga w'ayoleza engoye, okukwoleza engoye zo n'okuzigolola. Nga—nga abasajja Abacayina ba ddobbi bafuna akapapula, ne babaako engeri gye bakayuzaamu. Ggwe n'otwala ekitundu ky'akapapula ekimu; naye n'atwala ekitundu ekirala. Bwe wakomangawo okubanja ebibyo, obutundu bw'obupapula obwo bwombi bwabanga buli kamu kalina okukwatagana ne kannaako. Nga ssinga bulema okukwataganira ddala nga bwe bulina okuba . . . Tewaali ngeri yonna gye wali oyinza kukijingiriramu, kubanga ye yabanga n'akatundu akamu nga naawe olina akalala. Naye ssinga bwabanga bujingiriddwa . . . Olwo wabeeranga wa ddembe okubanja ebibyo. Era wafunanga ebibyo, bwe wabanga n'ekitundu ky'endagaano kiri ekirala.

42 Bwe kityo bwe kiri, n'akawungeezi kano, nga tulina ekitundu eky'endagaano kiri ekirala. Katonda, Omwana We

bwe yamuyuzaamu ebitundu bibiri, e Kalivaaliyo, omubiri n'agutwala waggulu okuba Ssaddaaka, ate ggwo Omwoyo n'aguweereza wansi gye tuli, ogwo ogwali mu Muntu, Yesu. Katonda oyo y'omu abikkiddwaako akawungeezi ka leero, mu kifaananyi ky'Omwoyo Omutukuvu. Ebitundu ebyo byombiriri biteekwa okukwatagana awamu, olwo n'olyoka obeera ekitundu ku ndagaano. Katonda kino yakikola, omuntu asobole okwongera okumutegeera obulungi, Ye Mwene bwe yeefuula Omuntu.

43 Waliwo olugero lwe nnali nsoma, emyaka mitono egiyise. Mu lugero luno, lwali lugamba nti, kabaka omu omulungi . . . nneerabidde erinnya lye, ate kati. Nnabadde ssirowooza nti olugero olwo nnaalwogerako. Luyinza n'okuba, nga oba oli awo lwayiiyizibwa buyiiyizibwa, naye lulina ensonga gye lututwalako etuwa omusingi kw'ekyo kye twagala okwogerako. Kabaka ono, yali kabaka mulungi nnyo, era nga ayagala nnyo abantu be, okutuusa nti, lumu, yayimirira mu maaso g'o—g'omukuumi we n'abalangira be n'abambejja, n'agamba nti, "Olwa leero, mundaba omulundi gwammwe ogusembayo, okutuusa nga wayiseewo emyaka mingi."

44 Omukuumi we n'abakungu be ne bamugamba nti, "Kabaka omulungi, kiki ekikwogeza bw'otyo? Olina gy'olaga, mu ggwanga eddala, ofuuke omugwira?"

45 N'agamba nti, "Nedda. Ŋŋenda kusigala wano wennyini. Naye," n'agamba nti, "ŋŋenda mu bantu bange. Ŋŋenda kufuuka mukopi. Ŋŋenda kutema miti n'omutemi w'emiti. Ŋŋenda ku—kulima n'omupakasi. Ŋŋenda kusalira mizabbibu n'abo abasalira emizabbibu. Ŋŋenda mbeere omu ku bo, nsobole okwongera okutegeera bye bakola. Kuba mbaagala. Era njagala nneeyongere okubamanya, nze kennyini. Bo tebajja kuntegeera. Naye, ate, bwe ntyo, bwe njagala nneeyongere okubamanya."

46 Era enkeera ku makya, abakungu be, n'abantu be bonna baamulaba, manya abo abaali mu lubiri, nga aggyako engule ye n'agissa ku ntebe, ku ntebe y'obwakabaka; n'ayambulamu n'ekyambalo kye, n'ayambala engoye z'abakopi, n'afuluma n'agenda yeetaba mu bantu ba bulijjo.

Kati, mu kagero ako, tulinamu kye tuyiga ku Katonda.

47 Baagamba kabaka, nti, "Kabaka, tukwetaaga. Tukwagala. Twa—twagala osigale nga oli kabaka." Naye ye yali ayagala kufuuka omu ku bo, yeeyongere okubategeera, nabo beeyongere okumutegeera, kiki ddala ky'ali. Kyali kya kubooleka kiki ddala kye yali.

48 Ne Katonda ekyo kye yakola. Ye—Yeekyusa, okuva mu kubeera Katonda Yakuwa, okufuuka omu ku ffe, Asobole okubonaabona, Asobole okulega ku kufa, Asobole okumanya kiki ddala obulumi bw'okufa kye buli, era omutango gw'okufa agwetikke ku Ye. E—Engule Ye yagissa ku bbali n'ekyambalo

Kye, n'afuuka omu ku ffe. Yanaabanga ebigere n'a—n'a—n'abankuseere. Yabeeranga mu weema, n'abaavu. Yasulanga mu—mu bibira ne ku nguudo, wamu n'abo abanyigirizibwa. Yafuuka omu ku ffe, Asobole okwongera okututegeera obulungi, naffe tusobole okwongera okumutegeera obulungi.

49 Kaakati, ndowooza, mu ekyo, tulaba, kye yakola, mu kwekyusa Ye kennyini. Bw'oba weetegerezza, yajjira mu linnya ly'omwana emirundi esatu. Yajjira mu linnya ly'Omwana w'omuntu, ne mu ly'Omwana wa Katonda, ne mu ly'Omwana wa Dawudi. Yajja nga Omwana w'omuntu.

50 Kati, mu Ezekyeri 2:3, Yakuwa, Mwene, yayita Ezekyeri, nnabbi, "omwana w'omuntu."

51 *Omwana w'omuntu* kitegeeza "nnabbi." Yalina okujja bw'atyo, okusobola okutuukiriza Ekyamateeka Olw'okubiri 18:15, Musa we yagamba nti, "Mukama Katonda wammwe alibayimusiza nnabbi wakati mu mmwe afaanana nga nze." Teyeeyitako Mwana wa Katonda. Yeeyita, "Omwana w'omuntu," kubanga yalina kujja kusinziira ku Byawandiikibwa. Mukiraba? Yalina okukwanaganya ebitundu byombiriri eby'olupapula olwayuzibwamu, obunnabbi bw'Endagaano Enkadde n'Ekyo kyennyini kye Yali, okuba nga bikwataganira ddala. Kye yava, Ajja, nga Omwana w'omuntu, n'ajjira mu kifaananyi ekyo.

52 Kati ate tukiraba nti, oluvannyuma lw'okufa Kwe, okuziikibwa, n'okuzuukira, Yajja ku Lunaku lwa Pentekoote, nga Omwana wa Katonda; Katonda, Omwoyo, mu nkula, ey'Omwoyo Omutukuvu. Yali akola ki? Yali yeekyusa Ye mwennyini, nga yeeyoleka eri abantu Be mu nkula endala. Nga, Omwoyo Omutukuvu, nga ye Katonda, yajja okukolera mu mirembe gy'ekkanisa, nga Omwana wa Katonda, Omwoyo Omutukuvu.

53 Naye, mu kufuga okw'emyaka Olukumi, Ajja nga Omwana wa Dawudi, okutuula ku ntebe ya Dawudi ey'obwakabaka, Kabaka. Yali wa kutwala ntebe ya Dawudi ey'obwakabaka. Mu kiseera kino Ali ku ntebe ya Kitaawe ey'obwakabaka. Era yagamba nti, "Awangula alituula Nange ku ntebe Yange ey'obwakabaka, nga Nange bwe nnawangula ne ntuula ku ntebe ya Kitange ey'obwakabaka." N'olw'ekyo, Ye, mu kufuga okw'emyaka Olukumi, Aliba Mwana wa Dawudi. Kye kiki? Ye Katonda y'omu, ekiseera kyonna, wabula nga akyusa bukyusa ka—kakookolo Ke.

Nze, eri mukyala wange, ndi bba.

54 Mwali mwetegerezza? Nti omukazi Omukanani bwe yagamba nti, "Ayi Omwana wa Dawudi, nsaasira." Ye, n'okumufaako teyamufaako, yadde. Omukazi oyo teyalina lukusa kumuyita bw'atyo. Teyalina kw'asinziira kumuyita Mwana wa Dawudi. Yali . . . Ye Mwana wa Dawudi, eri

Omuyudaaya. Era kati Ajja . . . Naye bwe yamuyita, "Mukama," yali Mukama we, olwo n'afuna kye yali asaba.

Kati, nga, yeekyusa bwekyusa Ye Mwene.

55 Kati, mu maka gange, ndimu abantu ba mirundi esatu. Mu maka gange, mukyala wange ampita mwami. Muwala wange atudde wali, talina bw'asobola kumpita bba; ndi kitaawe. Ate kazzukulu kange akali awo, ndi jjajja waako, n'olw'ekyo tekalina lukusa kumpita taata. Si nze kitaawe waako. Mutabani wange ye kitaawe waako. Nze ndi jjajja waako. Naye nga nkyali muntu y'omu.

56 Ne Katonda, ky'Akola, yeekyusa bwekyusa, okusobola okujja eri omulembe ogwo, Ye okweyoleka eri abantu abo bamumanye. Era ekyo kye kituleese wano okutegeera, akawungeezi kano. Katonda ateekwa kweyoleka mu ngeri ki eri abantu bano mu kiseera kino? Akyusa akakookolo Ke, n'Akyusa ekitundu ky'Azannya, wabula takyusa nkula Ye. Ye—Ye enkula ye tagikyusa. Akyusa bukyusa kakookolo Ke, okuva ku kamu okudda ku kalala. Akikola, asobole okwongera okwebikkulira obulungi abantu, basobole okutegeera Ye ani, na kiki ky'Ali.

57 Mu Abaebbulaniya 1, tusoma nti, "Katonda, mu bitundu eby'enjawulo ne mu ngeri ez'enjawulo yayogera eri bajjajjaffe, okuyita mu bannabbi, naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma ayogera naffe okuyita mu Mwana We, Yesu."

58 Kati, "Bannabbi," Yesu yagamba, bwe yali wano ku nsi nti, "baali bakatonda. Mubayita 'bakatonda,' abo Ekigambo kya Katonda be kyajjiranga. Ate Ebyawandiikibwa tebisobola kumenyebwa," bw'Atyo bwe yagamba. N'agamba nti, "Kati ate muyinza mutya okumunenya Oyo, nga ate Ye Mwana wa Katonda?" Mukiraba?

59 Ekigambo kya Katonda kigerekebwa mu kigera eri buli mulembe, kye kirina okuba. Era Yesu ye yali okutuukirira kw'obunnabbi bwonna. "Mu Ye mwe mwali obulamba bwa Katonda bwonna mu mubiri." Bwali mu Ye. Ye Oyo eyali mu Yusufu. Ye Oyo eyali mu Eriya. Ye Oyo eyali mu Musa. Ye Oyo eyali mu Dawudi, kabaka eyagaanibwa.

60 Abantu be bennyini baali bamugaanye, okuba kabaka. Era bwe yali afuluma e—embuga, waaliwo akasajja, akaali mu kunyigirizibwa nga keewalulira ku ttaka, akaali tekaagala bu—bukulembeze bwe, na nkola ye, ne kamuwandulira amalusu. Omukuumi n'asowolayo ekitala kye, n'agamba nti, "Embwa eyo nnyinza ntya okugirekako omutwe, nga ewandulidde kabaka wange amalusu?"

61 Naye Dawudi, oba oli awo ne kye yali akola mu kaseera ako yali takimanyi, wabula yaliko amafuta. N'amugamba nti, "Muleke. Katonda y'amugambye okukikola." N'ayambuka waggulu ku lusozi n'akaabira Yerusaalemi, nga kabaka agaaniddwa.

62 Mwali mukyegenderezza? Nti nga wayiseewo emyaka bikumi na bikumi okuva mu kiseera ekyo, Omwana wa Dawudi naye yawandulirwa amalusu, mu nguudo, era yali waggulu ku kasozi, ku lusozi lwe lumu, nga alengera Yerusaalemi wansi, nga Kabaka agaaniddwa. N'akaaba nti, "Yerusaalemi, emirundi emeka gye nnayagala okkukuŋŋaanya nga enkoko bw'ekuŋŋaanya obwana bwayo, naye ne mutayagala!"

63 Teyakyusaako ku nkula Ye, kubanga Abaebbulaniya 13:8, wagamba nti, "Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Katonda yafuuka omuntu, asobole okufa, okutununula okuva mu kibi. Eyo ye nsonga lwaki yeekyuusa Ye, n'afuuka o— Omuntu.

64 Tulaba, mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 12:20, nga Abayonaani baali baamuwulirako. Kati, teri muntu yenna asobola kumuwulirako omutima gwe ne gutayaayaana kumulabako. Nga Yobu ne bannabbi ab'edda, bonna baali baagala bamulabeko. Bwe batyo, n'Abayonaani bano nabo bajja bamulabeko. Bajja eri Firipo, eyali ow'e Besusayida, ne bagamba nti, "Ssebo, twagala kulaba Yesu."

65 Abayonaani baayagala okumulaba, naye tebaasobola kumulaba kubanga yali mu yeekaalu Ye ey'obuntu. "Katonda yali mu Kristo, nga atabaganya ensi okugizza gy'Ali." Kati tukiraba nti, mu kino, Abayonaani bano baali tebasobola kumulaba.

66 Era weetegereze ebigambo byennyini Yesu bye yabagamba, oluvannyuma. Yagamba nti, "Empeke y'eŋŋaano bw'etegwa mu ttaka, n'efa, ebeerera awo yokka." Amakulu nti, baali tebasobola kumulaba mu kukyusibwa okwo, mu kakookolo ke yalimu mu kiseera ekyo, kubanga yali abikkiddwa mu mubiri gw'omuntu. Naye empeke y'Eŋŋaano eno ssinga egwa mu ttaka, awo eba ejja kuvaamu ebika byonna. Weewaawo, Yali atumiddwa eri Bayudaaya, mu kiseera ekyo. Naye empeke y'Eŋŋaano eno yali eteekwa okusigibwa; nga ebisse Katonda, mu mubiri gw'omuntu, nga akwekeddwa okuva eri abatakkiriza, wabula nga abikkuddwa eri abakkiriza.

67 Mu njiri ya Yokaana 1, "Ku luberyeberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeera gye tuli, ne tumulaba, oyo omu yekka Eyazaalibwa Kitaffe, ajjudde ekisa." Kati, ku luberyeberye waaliwo Kigambo. Ekigambo kye kirowoozo nga kirabisiddwa.

68 Ku luberyeberye, n'okuba teyali Katonda. Kati, ekigambo kyaffe eky'Olungereza kye tukozesa leero ekya, *Katonda*, kitegeeza "ekintu ekisinzibwa." Ekyo nga kitabula nnyo eri ebirowoozo. Osobola okufuula omuntu yenna katonda. Osobola okufuula ekintu kyonna katonda.

69 Naye mu Ndagaano Enkadde, mu Luberyeberye 1 awagamba nti, "Ku Luberyeberye *Katonda*," ekigambo ekikozesebwa awo kiri, Elohim. *Elohim* kitegeeza "Oyo eyebeezaawo yekka." Nga waliwo enjawulo nnene wakati w'ekigambo Elohim, n'ekigambo kyaffe Katonda. *Elohim* kitegeeza "Oyo eyebeezaawo yekka."

70 Ffe tetusobola kwebeezaawo ku bwaffe. Tetusobola kuba bayinza ba bintu byonna, abayinza byonna, ababeera buli wamu, abamanyi byonna. Kiri Elohim ebyo byonna kibyoleka. Ffe ebyo tetusobola kubiba. Omuti gw'owoolamu katonda, oba—oba ekizimbe, tebyebeezaawo ku bwabyo.

71 N'olw'ekyo, Katonda, ku luberyeberye, yali Bulamu, Oyo Ataggwaawo. Mu Ye mwalimu obusobozi obw'enjawulo, era obusobozi obw'enjawulo obwo ne bufuuka Ebigambo, n'Ekigambo ne kifuuka omubiri. Yesu ye yali Omununuzi. Era *okununula* kitegeeza, "kukomyawo." Bw'Aba ow'okukikomyawo, kitegeeza waliwo we kyali mu kusooka we kiteekwa okuzzibwa. Kati, mukiraba, si bonna nti balisobola okukiraba, kubanga si bonna nti baali mu birowoozo bya Katonda ku luberyeberye. Mukiraba?

72 Ggwe tunuulira bakabona. Bwe baamulaba nga yeeyolekera ddala n'Ekigambo, nga ayoleka ekyo kye yali, baagamba mbu, "Yali Beruzebuli." Ekyo kyalaga obutonde bwabwe gye bwali. Bwali mu ndowooza y'omulembe ogwo eyaliwo.

73 Naye mukazi wattu oli malaaya, gwe yasisinkana ku wankaaki, n'amubuulira, n'ayoleka akabonero Ke ak'obwamasiya, nga amubuulira bye yakola. "Naye," n'agamba nti, "Ssebo, ndaba nga Oli Nnabbi. Tumanyi, nti Masiya, bw'Alijja, y'Alitubuulira ebintu bino." Omukazi yamutegeera nti Ye Masiya, Oyo eyafukibwako amafuta, kubanga yali atuukirizza ebisaanyizo by'Ebyawandiikibwa. Temukiraba? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ebitundu by'olupapula byombi byali bikwatagana. Ko omukazi nti, "Tumanyi nti, Masiya bw'alijja."

74 Kati, Katonda kiyinza okuba kyamwetaagisa okutabika *kino* na *kiri,* okusobola okufuna envuga y'ekide bw'eti, okufaananako n'omubumbi. Naye Yesu bwe yakyuka, n'agamba nti, "Nze Nzuuyo ayogera naawe," tewaaliwo kigambo na kimu nga eky'okugamba nti "Beruzebuli." Omukazi yaleka bulesi awo ensuwa ye ey'amazzi, n'adduka n'agenda mu kibuga, n'agamba nti, "Mujje, mulabe Omusajja ambuulidde bye nnakola. Ono si Ye Masiya yennyini?" Mukiraba?

75 Kati, kino kiki ekyakikola? Okukwanaganya Ekyawandiikibwa eky'edda n'obumanyirivu bw'ebintu ebyo—ebyo Yesu bye yali amuwa, kyavaamu ki? Kyavaamu Masiya. Ye mwali mwegenderezza? Nti amangu ago, ebibi bye byasonyiyibwa, kubanga, okusooka kwa byonna, yali wa kununulibwa, kubanga yali mu

birowoozo bya Katonda ku luberyeberye. N'olw'ekyo, ekyo kyamununula, oba kyamukomyawo, bwe yalaba okulabisibwa kw'Ekyawandiikibwa ekyayogerwako, ekikwata ku Yakuwa, kye yali, ky'Ali.

76 Kati, Yesu bwe yajja, ssinga yali Azze na bubaka bwa Nuuwa, tebwandikoze. Obw'okuzimba ekyombo, baseeyeeye, tebwandikoze. Naye Nuuwa oyo yali kitundu kya Katonda. Yeeyisa mu ngeri ya njawulo kubanga yali wa njawulo, era n'obubaka bwe bwali bwa njawulo kubanga bwali Kigambo nga kirabisiddwa.

77 Yali tasobola kujja na bubaka bwa Musa, kubanga tebwandikoze. Musa yali Katonda, nga alabisiddwa, mu kigero kya kitundu. Ye yali ekigambo ekyalabisibwa eky'ekiseera ekyo, naye Yesu yali tasobola kujja bw'atyo. Bayibuli teyagambako nti Yali wa kujja bw'atyo.

78 Naye bwe yajja, n'alabisibwa mu ngeri yennyini nga—nga Endagaano bwe yali egamba nti bw'Alirabisibwa, kati abo bonna abaali ab'okununulibwa baakikkiriza, kubanga abo be baali ebirowoozo bya Katonda. Abaali ebirowoozo Bye ku luberyeberye, ne bambala omubiri, ne baba nga banunulikika, era baakomezebwawo eri Katonda. "Bonna abaamusembeza, yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda," kubanga baali banunulikika. Baali mu kifaananyi, okuviira ddala ku luberyeberye.

79 Ssinga tubadde tusobola okuyimirirako wano katono, bwe kiba kisoboka, ne tukirowoozaako, akawungeezi kano, eky'Obubaka obw'ekiseera, ebirowoozo bya Yakuwa ebirabisiddwa. "Nga ensi tennatondebwa," tutegeezebwa nti, "amannya gaffe gaali gaateekebwa dda mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga." Awo tuba tusobola okulaba enjuyi ebbiri, nga bwe nnasoose okwogera, lwaki olumu lwa njawulo ku lunnaalwo. Kiteekwa kuba bwe kityo. Bwe kyali. Edda n'edda lyonna bwe kibaddenga, era bwe kityo bwe kinaabeeranga. "Ye yali Ekigambo. Era Kigambo n'afuuka omubiri n'abeerako gye tuli."

80 Kati, Katonda, mu. . . emabega eri mu biro by'Endagaano Enkadde, tukiraba nti bwe yamala okulabika eri abantu Be, mu nkula ez'enjawulo, yeekweka emabega w'amaliba g'eŋŋonge amakadde. Katonda nga yeekwese emabega w'amaliba g'eŋŋonge, ku ntebe Ye ey'ekisa. Tulaba, engeri Sulemaani, bwe yali awongayo yeekaalu ya Mukama, nga amaliba g'eŋŋonge gano gali awo galengejja, nga eggigi, engeri gye yayingiramu nga Empagi y'Omuliro era nga Ekire, n'agenda emabega eyo, ne yeekweka, nga ensi temulaba. Naye, olw'okukkiriza, Isiraeri bo baali bakimanyi nti gy'Ali emabega eyo. Baali bakimanyi nti gy'Ali, ensi z'abakaafiiri ne bwe zaayogeranga ki. Yali akwekeddwa eri atakkiriza. Naye omukkiriza, olw'okukkiriza,

yali akimanyi nti gy'Ali emabega eyo. Baalina okusaasirwa. Era yali ku ntebe Ye ey'ekisa, ekintu ekyali ekyama ekikulu ennyo.

81 Omanyi, mu Ndagaano Enkadde, okuyingira emabega w'eddiba eryo kwabanga kufa. Naye ate leero okubeera ebweru waalyo kwe kufa. Mu kiseera kiri nga okuyingira mu Kitiibwa Kye kuba kufa. Naye ate leero okubeera ebweru w'Ekitiibwa Kye kwe kufa. Ekyo, weewaawo, kyabaawo eggigi lwe lyayuzibwamu e Kalivaaliyo, eggigi bwe lyayulika, eggigi liri ekkadde. Olwa leero okusigala ebweru w'Okubeerawo Kwe kwe kufa. Ku luli okuyingira mu Kubeerawo Kwe kwe kwali okufa. Mukiraba? Kikyuka kidda eno n'eri, kale oteekwa okukebera mu Byawandiikibwa okulaba biseera ki bye tulimu.

82 Kaakati, eggigi bwe lyayulikamu e Kalivaaliyo, entebe y'ekisa n'eba nga erabikira ddala bulungi. (Naye kiki ekyabaawo? Yali erengejjera e Kalivaaliyo, nga etonnya Omusaayi.) Nga bwe baatwalanga omusaayi, buli mwaka, okulongoosa awatukuvu n'okumansira entebe ey'ekisa, wano, Katonda, nga akozesa okulasa Kwe okw'ekitalo okw'amaanyi g'ekimyanso, yayabuluzaamu eggigi ly'eddiba ly'eŋŋonge eryo ery'edda okuva waggulu okutuuka wansi, entebe y'ekisa n'eba nga erabikira ddala bulungi.

83 Omwana gw'endiga gwa Katonda gwennyini, omutuufu gwali gulengejja buli omu w'asobolera okugulaba e Kalivaaliyo, Entebe y'Ekisa yennyini, nga Katonda amaze okusasula omuwendo, Ye kennyini; nga afuuse omu ku ffe, era nga yeeyolese Ye kennyini nga Omuntu, asobole okutumanya, naffe tusobole okumumanya. Entebe ey'Ekisa yali mu lwatu nga Isiraeri yonna esobola okugiraba ku lunaku olwo olw'Okutangirirwa.

84 Naye, kya nnaku, obulombolombo bw'abakadde b'ekkanisa mu biro ebyo bwali, olw'obulombolombo bwabwe, Entebe y'Ekisa entuufu baali bagibisse abantu obutagiraba. Ssinga baali bamanyi bulungi Ebyawandiikibwa, buli kitundu kyandibadde kikwatagana bulungi nga akapapula k'Abacayina kali. Obunnabbi bw'Endagaano Enkadde bwandituukiridde, era nga bwe bwatuukirira. Era ssinga baali baayigirizibwa Ebyawandiikibwa, Entebe y'Ekisa bandisobodde okugiraba. "Nga Musa," bwe yagamba wano, nti, "n'okutuusa leero bakyabikkiddwaako. Kikyabali ku mitima." Tebagiraba.

85 Naye, Ye yali Katonda, okubonaabona n'Okutangirira. Ye yali Entebe y'Ekisa entuufu nga erabibwa buli omu. Nga bwe twayimbye oluyimba nti:

> Laba, mulabe bw'Alabikira ddala.
> Wuuyo, Omuwanguzi ow'amaanyi,
> Okuva lwe yayabuluzaamu eggigi.

86 Mukiraba, yajja Oyo, Entebe ey'Ekisa, nga alengejjera ekibiina kyonna we kyali kimulabira. Naye bo, olw'okuba nti

baali baatwalibwa endowooza y'omulembe ogwo ey'abasinga obungi . . .

87 Kati, bassebo ne bannyabo, n'abakiise abali mu lukuŋŋaana luno, kino njagala okukyogera nga ssirina muntu yenna gwe ntemeza ku liiso. Naye, okusinziira ku biriwo ensangi zino, okusinziira ku kituleese wano olwa leero, nnina okutya nti obulombolombo bw'abakadde, abakadde b'ekkanisa, Kino bukikwese abantu bangi nnyo obutakiraba. Okuva Omwoyo Omutukuvu lwe yajja mu nnaku zino ez'oluvannyuma, nga bwe kyalagulwa, n'eggigi ne lyabuluzibwa, abantu bangi nnyo bakyagezaako okwekwata ku bulombolombo bwabwe obw'abakadde. Era eyo ye nsonga lwaki tebasobola kulaba ssanyu lino erisukkiridde, n'emirembe, n'ebintu Ekkanisa by'erina leero. So nga, Erabibwa ddala mu lwatu eri abo abakkiriza.

Ekigambo yakikweka Ye, Ekigambo ekyasuubizibwa eky'ebiro bino.

88 Kaakati, obulombolombo butaddewo eggigi. Bagamba mbu ennaku z'eby'amagero zaayita. Waliwo omusajja eyayogerako nange, omusajja omulungi ddala, omugunjufu mu Tucson, Arizona, gye mbeera. Nnalina olukuŋŋaana ku Ramada. Twali twakava okubuulira mu lukuŋŋaana lw'Abasajja Abasuubuzi Mukama Yesu mwe yajja n'akola ebintu eby'ekitalo. Kati omwami ono Omukristayo n'ajja gyendi, n'agamba . . . Muweereza mu kkanisa, musajja mulungi ddala, n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, abantu ogezaako okubalaga ekifaananyi eky'omulembe gw'ekitume," n'agamba nti, "ate nga omulembe gw'ekitume gwakoma."

89 Ne ŋŋamba nti, "Nkwegayiridde, muganda wange, ndaga ddi omulembe gw'ekitume lwe gwakoma mu Byawandiikibwa." Ne ŋŋamba nti, "Omulembe gw'ekitume gwatandika ku Lunaku lwa Pentekoote, era gubadde . . . Peetero yagamba, ku Lunaku lwa Pentekoote nti, 'Ekisuubizo kiri eri mmwe, n'eri abaana bammwe, n'abo bonna abali ewala, na bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita.' Gwakoma ddi? Katonda bw'aba akyayita, kitegeeza n'omulembe gw'ekitume gukyagendera ddala mu maaso."

90 Kati mu ekyo abantu mwe bagerezaako okuziba bangi nnyo amaaso, nga bakozesa obulombolombo bwabwe obw'abakadde, nga bwe kyali mu kiseera kiri. Ne batuuka n'okulemwa okulaba lwaki abantu basanyufu nnyo era bali ddala ku muliro. Ne— n'enkuŋŋaana zino kye ziva zibeera ez'enjawulo ennyo, ne zibeera ekintu ekitali kya bulijjo, eri abantu abalala, kubanga baba basobodde okulaba ne bawaguza okuva mu kukugirwa okwo. Bawaguza ne bava mu bibikka ebyo, ne bayingira mu Kubeerawo kwa Katonda, we balabira okulabisibwa

kw'ekisuubizo ky'ekiseera kino nga kirabisibwa mu maaso g'abantu. Ne balaba Katonda kye yasuubiza.

91 Mu Yoweeri 2:28, yasuubiza, nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma walibaawo enkuba ey'oluvannyuma *erifukibwa* ku bantu, mu nnaku ez'oluvannyuma." Ndowooza ekigambo ky'Oluyonaani ekikozesebwa awo kiri *kenos*, ekitegeeza nti "yeefukumulira ddala" Ye Mwene. Si mu ngeri nga bwe twandigambye nti, nga omuntu bw'ayinza okubaamu ekintu, kati ekyo Ye n'aba nti ky'afukumula. Naye kiri nti, Ye Mwene ye yeefukumula yenna.

92 Yakyusa; *en morphe* Ye. Ya—Yakyuka, okuva mu ekyo kye yali, okudda mu ekyo ky'Ali. Enkula Ye yo tagikyusa. Naye ku Lunaku lwa Pentekoote, yeekyusa Ye Mwene okuva mu kubeera Omwana w'omuntu, okufuuka Omwana wa Katonda. Yajja, si *nga ali* n'abantu. Wabula yakka *munda* mu bantu, mukiraba, Katonda y'omu, okusobola okutwala mu maaso obuweereza Bwe, mu mulembe guno omukulu.

93 Yalagula mu Bayibuli, nti, "Walibaawo olunaku olutaliba misana wadde ekiro, naye mu kiseera eky'akawungeezi walibaawo Omusana." Kati, enjuba, okusinziira ku joogulaafiya w'ensi, eviirayo mu buvanjuba n'egwa mu bugwanjuba. Eba njuba y'emu, ekiseera kyonna. Kaakati, n'okuva, Omwana, O-m-w-a-n-a, bwe yeebikkula mu kulabisibwa kw'Ekigambo ekyasuubizibwa, eri Isiraeri, abantu ab'omu Buvanjuba.

94 Tubadde n'ekiseera eky'ekikome. Twafunayo akasana akawerako okuyita mu baddaabuluzi, n'abalala bwe batyo, ne tusobola okutandikawo amakanisa n'ebibiina by'amadiini, ne tubyegattako ne tubiyingiramu; ne tuba n'okunywegera abawere, n'okugatta mu bufumbo abo abakuze, n'okuziika ababa bafudde, n'ebirala bwe bityo; ne tubeera mu kkanisa.

95 Naye, mu kiseera eky'akawungeezi, "Walibaawo Omusana," bw'Atyo bwe yagamba, "mu kiseera eky'akawungeezi." Ate tewali Kyawandiikibwa kyonna kisobola kumenyebwa. Era O-m-w-a-n-a y'omu Oyo eyeefukumula, *kenos,* ku Lunaku lwa Pentekoote, yasuubiza okukola ekintu kye kimu mu kiseera eky'akawungeezi. Mukiraba? Kiri nga bwe kiri okusinziira ku kisuubizo.

96 Obupapula bugatte wamu. Tunuulira ebigenda mu maaso, otunuulire ne kye yasuubiza, ojja kulaba wa we tuli. Ekintu kyonna kigatte wamu. Ojja kusobola okulaba okwebikkula kw'Ono omukulu era ow'amaanyi. Obulombolombo buzzeemu ne buziba amaaso g'abantu, nate, obutalaba bintu bino ebikulu eby'alagulwa.

97 Musa, bwe yakka okuva ku lusozi, olwali lukutte Omuliro, nga kyali kifaananyi kirungi ekinnyonnyola!

98 Musa yali aserengese e Misiri n'agamba abakadde b'ekkanisa nti Mukama Katonda yamukyalira mu Linnya lya "NDI." Erinnya eryo lya kiseera eky'obuliwo; si "Nnali;

oba ndiba." Wabula, "NDI," y'omu bulijjo, y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Ali mu kiseera kya buliwo. Ye. . . Ekyo kikwatagana ne Abebbulaniya 13:8 nti, "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

99 Kisigala kikyali Kigambo ekyalagulwa. Era, ekibiina, kyalina okukwatagana n'Ekigambo ekyo, obumanyirivu obw'omulembe guno. Naye n'abaddaabuluzi baakirina, o, naye guno mulembe mulala. Ggwe weetegereze omulembe gwe tulimu. Nga Ye bwe yali tasobola kujja, mu biro biri bye yajjiramu ku nsi, mu—mu ngeri Musa gye yajjamu, oba nga nnabbi omulala yenna bwe yajja; tekirina we kyalagulwa kityo. Ne mu nnaku zino ez'oluvannyuma, kyalagulwa kujja mu ngeri bw'eti. Tekisobola kujjira mu ngeri nga ya kudda buggya kwa Luther. Tekisobola kujjira mu ngeri nga ya kudda buggya kwa Wesley. Kino kiseera kya kuzzibwaawo. Kye kiseera we kiteekwa okukomawo ku Musana gw'Omwana ogwasooka, guli nnakabala.

100 O, awo nga tusobola okusimba Ebyawandiikibwa, ku ekyo! Ate nammwe abaasomerera eby'eddiini, mu bitundu by'ensi yonna gye muva, mukimanyi nti Ekyo kituufu. Kisuubizo. Ekyo kye kifuula abantu ab'enjawulo ennyo. Ekyo kye kibafuula ebyeneena, nga bwe mubayita. Kiri lwakuba ba. . . ki. . . Eggigi libikkuddwa, ne bava mu bulombolombo, ne baba nga basobola okukiraba. Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Mukiraba? Kye—kye kisuubizo kya Katonda, era ekyo tetuyinza kukirwanyisa, kubanga Ebyawandiikibwa tebisobola kumenyebwa. Weewaawo. Tukiraba nti ekyo yakisuubiza. Yeefukumula yenna Mwene mu bantu Be. Era Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

101 Musa, bwe yamala okuserengeta e Misiri kino n'akirangirira, Kitaffe yakakasa obubaka bwe, nga ajja ku Lusozi Sinayi, mu Mpagi y'Omuliro y'emu, olusozi n'alukoleezaako Omuliro. Ekyo twali tukyekkaanyizza? Oyo y'omu Ye gwe yali awadde ekisuubizo, yamuleeta nga alina Ekigambo. Yalina ebiragiro. Era okubeera n'ekiragiro kino, yalina. . . Ebiragiro bye byali Ekigambo. Ekigambo kyali tekiggyangako eri bantu nga ekyo tekinnabaawo. N'olw'ekyo, Ekigambo bulijjo kijja eri nnabbi, era ye yali nnabbi ow'ekiseera ekyo.

102 Nga, Yesu bwe yali Ekigambo. Yokaana nga ye nnabbi. Era Yesu yajja gy'ali, mu mazzi, kubanga Ekigambo bulijjo kijja eri nnabbi, awatali kulemererwa. Mukiraba? Ekigambo kijja gy'ali.

103 Kale, Musa, Ekigambo kyajja gy'ali, nga bye biragiro. Era yabirina. Kati, lwaki? Ekigambo bwe kyali tekinnaaweebwa era nga tekinnalabisibwa, Musa yalina okubikka amaaso ge, kubanga Ekigambo kyali tekinnalabisibwa mu bujjuvu. Baakimanya nti waliwo ekyali kibaddewo, wabula nga

tebamanyi kyali kiki, okuwuluguma n'okubwatuka. Okutuusa, lwe baagamba nti, "Musa y'aba ayogera, so si Katonda."

104 Ne Katonda n'agamba nti, "Kale, ekyo Nja kukikola. Okuva kaakano, ssiriddamu kulabika bwenti nate. Nja kubatumiranga nnabbi. Ye y'anaa . . . Nja kwogeranga kuyita mu nnabbi Wange."

105 Kaakati, oba Musa, eyalina etteeka ery'omubiri, (nga Pawulo, mu Bakkolinso Eky'okubiri wano, bw'akitubikkulidde), mu mubiri yalina okubikka amaaso ge, eby'Omwoyo tebiisingewo nnyo okuba eby'ekitiibwa nga bibikkiddwa eri atakkiriza nga tebinnalabisibwa gy'ali! Tebaasingewo nnyo okuyita . . . Musa yali kyeneena. Ggwe tebaasingewo nnyo okukuyita ekyeneena, ggwe abotodde n'oyita mu ggigi, n'oyingira mu Mpagi y'Omuliro, n'ovaayo n'Omukisa! Nga kaakati okweekeddwa. Abantu tebasobola kukiraba. Tebayinza kukitegeera Ekyo.

106 "Eky'omubiri bwe kiba eky'ekitiibwa, ekisukkuluma ku butonde tekiisingewo! Oba nga eky'omubiri, ekyali eky'okuggwaawo, kyali kya kuba kya kitiibwa, olwo Kino ekitaliiko nkomerero tekiisingewo, okuba eky'ekitiibwa!"

107 Naye, era, kibikkiddwako. Kibikkiddwako naye si eri omukkiriza, wabula eri atali mukkiriza. Tasobola kukiraba. Katonda bulijjo yeebikka atali mukkiriza n'atamulaba. Obulombolombo bukikweka. Nga bwe baakolanga luli, ne leero bwe bakyakola.

108 Ekyo kyali kibikkako kya mwoyo ekyo kye tulina kaakati, awaali ekibikkako eky'omubiri. Bakakasibwa na nnabbi awamu n'Ekigambo ekiwandiike, omulaguzi, oyo ajja n'Ekigambo ekiwandiike, okusobola okukiraga obulungi ne kitegeerekeka.

109 Ekigambo baali bakimanyi nti weekiri, wabula nga tebamanyi kye kitegeeza. Bw'atyo Musa n'ajjirayo ddala amakulu gaakyo. N'agamba nti, "Etteeka ligamba *Kino*, era *eno* ye nsonga lwaki." Yakirambika. Naye nga tekinnalambikibwa, kyali kibikkeko.

110 Era bwe kityo bwe kiri, ne mu nnaku zino, kiba kibikkiddwa eri abantu obutakiraba, okutuusa lwe kibikkulwa ne kitegeerekeka eri abantu. Katonda, Katonda ow'amaanyi, nga abikkiddwa mu mubiri gw'omuntu, Ekigambo. Weetegereze. Kati tukiraba nti kyali kikweekeddwa eri atali mukkiriza, naye nga kibikkuddwa eri omukkiriza.

111 Wekkaanye, Empagi y'Omuliro eno Musa yalina kugiyingiramu, bwomu yekka. Tewali n'omu yali ayinza kugenda naye. Teyali . . . kyali . . . Ekyo kituwa kya kuyiga ki? Nti Kino tokiyingiramu nga oyita mu kwegatta bwegassi ku kibinja kya Kipentekoote. Mukiraba? Teyakibikkulira kibiina. Yakibikkulira muntu ssekinnoomu. Era bwe kityo bwe kiri olwa

leero. Oyinza okugamba mbu, "Nze ndi wa kka—kkanisa bw'eti. Ndi—ndi wa *kino*." Naye ekyo tekikola. Okiraba?

112 Ate omuntu yenna bwe kaamutandanga n'agezaako okugoberera Musa, okukigeegeenya, kwabanga kufa. Ne leero bwe kiri, kuba kufa mu mwoyo, okugezaako okukigeegeenya. Ekyo kye ki. . .

113 Akawungeezi kano, kye tugendamu, mu bibiina omwo mugenda musitukamu, okukopperera okw'omubiri; omuntu agezaako okukikopperera, naye n'atambulira mu bulamu obukontana; nga asobola okunywa omwenge, n'anywa ssigala, abakazi ne beeyisiza ddala. . .nga bwe balaba, okufaananako n'ensi, ne basigala eka ne badda mu kulaba zi tereviizoni, n'ebintu by'ensi, naye ate ne basigala nga bakyeyita Bapentekoote. Baba bagezaako bugeza kugeegeenya kintu ekya nnamaddala. Kiba tekinnaba, kubabikkulirwa. Bwe kibikkulwa, kiba kya kitiibwa, era wabaawo ekintu ekibikujjamu ebyo bw'oyingira Omwo. Ofuuka kibikkako. Ki. . . Tekikola. Ate okukigeegeenya Ekyo kwabanga kufa.

114 Ekibikkako kya Musa; ye yali Ekigambo ekiramu eri abantu. Ne leero, abantu ababikkiddwaako bali kintu kye kimu ekyo. "Abo bbaluwa empandiike, ezisomebwa abantu bonna." Si bbaluwa *mpya*; wabula Ebbaluwa eyawandiikibwa, kaakano erabisiddwa. Be—b'ebo abakkiriza Ekigambo n'ekisuubizo ky'ekiseera kino, nti Katonda afuka Omwoyo We, ku bonna abalina omubiri, era abo ze bbaluwa empandiike. Era omuntu bwe kamutanda n'agezaako okukikopperera mu mubiri, kimuddira. Obulamu bwo bulaga kiki ky'oli.

115 Lumu waaliwo omulenzi, eyagwa mu mitawaana. Yali mulenzi mulungi, naye yagenda mu—mu mbuga y'amateeka. Omulamuzi n'agamba nti, "Nkuzudde nga omusango gukusinze. Nteekwa okukubonereza nga nkusiba mayisa."

116 N'agamba nti, "Njagala nneesalire omusango gwange nze kennyini." N'agamba nti, "Njagala nsibibwe kusinziira ku binkwatako."

117 Kko omulamuzi nti, "Tolina bikukwatako binaakuyamba. Ebikukwatako byennyini bye bikusingisizza omusango."

118 Bwe kityo bwe kiri ne mu nnaku zino, eyo ye nsonga lwaki ekkanisa teyeeyongedde mu maaso nga bw'esaanidde kuba. Ebigikwatako kye byogera. Obulamu bwaayo. Tuteekwa okweyongera okwewaayo. Tuteekwa okukkiriza buli Kigambo kya Katonda kyonna. Tuteekwa okunoonya okutuusa nga Ekigambo ekyo kifuuse ekya nnamaddala gye tuli. Olaba? Mukiraba? Ebitukwatako bye bituziyiza okuyingira.

119 Naye, lumu, (okusobola okuva mu mitawaana gino), mu kkooti y'emu eno omulenzi teyalina ssente. Nga tayinza kusasula n'avaayo. Omutango gwali muyitirivu nnyo nga guli

mu nkumi za doola. Naye yalina muganda we omukulu eyajja n'agumusasulira.

120 Kaakati, tulina Mukulu waffe omulenzi ow'amaanyi, Yesu, Omwana wa Katonda. Era Ye yajja okugutusasulira, ssinga tukikkiriza bukkiriza ne tusobola okuyingira mu ggigi wamu naye. Ye y'alinga, Musa waffe. Yesu ye Musa waffe leero. Musa, nga abikkiddwa, ye yali Ekigambo ekiramu eri abantu. Leero, Yesu, nga abikkiddwa, kye Kigambo ekiramu eri abantu, nti, Yesu ali mu Kkanisa. Omwoyo Omutukuvu, Omwana wa Katonda nga ali mu bantu, nga abikkula Ekigambo okusinziira ku kisuubizo ky'ekiseera kino, ekyo kikifuula kye kimu ddala. Kye kimu ne kaakati.

121 Ate mujjukire nti, Musa kino yakikola, era kino yakyoleka, si eri nsi yonna, wabula eri abantu abaali mu kuva, eri abantu ba kika kimu kyokka, nga b'ebo abaali baafuluma oku-. . . mu kuva.

122 Ne leero, Omwoyo Omutukuvu, mu maaso g'abantu abagamba mbunno, "Okuwonyezebwa kw'Obwakatonda si kutuufu." Bwe nnali nneebuuza . . .

123 Omusawo yampita, jjuuzi, ku bikwata ku mukyala omu, ha, embeera bwe zityo zibaddewo mirundi nga ena oba etaano, nga bali ku mugo gwa ntaana, babulako ssaawa busaawa, naye Omwoyo Omutukuvu n'abawonya. Kati omusawo yali akibuusabuusa. Nga agamba nti, "Kino kisoboka kitya? Kijja kitya," n'agamba nti, "Nze—nze . . . Oyo mulwadde wange."

124 Ne ŋŋamba nti, "Abadde wuwo. Naye kati wa Katonda. Kati—kati, y'Amulinako obuyinza kati." Okiraba?

125 Kale kati mukiraba ekiriwo kiri nti, Katonda ayitayo abantu mu kuva kati, okuvaayo emabega w'eggigi ly'omubiri ery'okugezaako okukopperera obukopperezi, okugezaako okwegatta obwegassi ku kkanisa; ate si Bamesodisiti, na Babaputisiti, na Bapulesibeteriyani, n'abalala bonna, wabula makanisa ga Bapentekoote. Nsonga ya muntu ssekinnoomu. Kiri wakati wo ne Katonda. Ggwe oteekwa okweyingirirayo, so si kibiina kyo, si kkanisa yo, si musumba wo, wabula ggwe oteekwa okweyingirirayo.

126 Njagala mubeeko enkula ya Musa endala gye mulaba, bwe yavaayo. Newankubadde yali nnabbi, era nga musajja wa kitalo nnyo, naye bwe yavaayo n'Ekigambo, abantu baakiraba nti akyuse. Waaliwo ekyali kimutuseeko. Bwe yavaayo n'Ekigambo ekikakasiddwa eky'ekiseera ekyo, nga ge mateeka, yali muntu wa njawulo.

127 Naawe bw'otyo bw'ojja okuba, bw'onova emabega w'eggigi eryo ery'obuntu eriyinza okusekerera olukuŋŋaana nga luno; omusajja oyo ayinza okwesittala ku kuwonya okw'Obwakatonda, nga agamba mbu ennaku z'eby'amagero zaayita dda. Oba ovudde emabega w'eggigi eryo ery'obuntu,

eggigi ly'obulombolombo, era buli omu ajja kukimanya nti waliwo eky'enjawulo ekikutuuseeko.

128 Nga muganda waffe ow'ekitiibwa, Jim Brown. Nsuubira Abapulesibeteriyani abasinga obungi bakimanyi nti waliwo eky'enjawulo ekyamutuukako, kubanga ya—yava emabega w'eggigi ly'obulombolombo. Alina eky'enjawulo kye yalaba mu bantu, ekyamusikiriza, n'ava emabega w'eggigi.

129 Kale, naawe, bw'onoova emabega w'eggigi, ojja kuba olabikira ddala wenna eri abantu, nga basobola okukiraba nti waliwo eky'enjawulo ekikutuseeko. Ekigambo ekibikkiddwaako, eri atali mukkiriza, wabula nga ye omukkiriza akirabira ddala bulungi. "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

130 Mu kiseera kiri, yali Katonda. Mu nnaku ezo, yali Katonda mu Muntu, Omwana We, Yesu Kristo. Ekyo tukikkiriza. Si nnabbi kyokka, si muntu buntu owa bulijjo, omuntu owa bulijjo. Yali Katonda nga y'ali mu Kristo; Katonda mu Muntu; obulamba bwa Katonda, mu mubiri gw'Omuntu. Katonda mu Muntu!

131 Naye kati ye Katonda mu bantu, Katonda mu Bulamba bwa Katonda, mu mubiri gw'Ekkanisa Ye yonna, nga yeeyoleka, nga atuukiriza Ekigambo Kye.

132 Kati tukiraba nti, Katonda, mu mirembe gyonna, yakyambazanga omubiri. Ye, Katonda, yeekweesenga emabega w'eggigi.

133 Ekyo kinzijukiza e—emboozi y'ekintu ekimu ekyaliwo emmanga mu Bukiikaddyo. Waaliyo amaka Amakristaayo. Kati mu maka gano Amakristaayo bakkirizanga Katonda, era ba—baalowoozanga nti—nti Katonda ye yabakuumanga okuva eri buli kabi konna. Ate, nga ddala, Akikola. Baalina katabani kaabwe akato ka Junior, akaali kaweza emyaka nga musanvu oba munaana egy'obukulu. Ka—kaagendanga ne kasaba mu Ssande sukuulu era nga kalenzi kalungi nnyo. Wabula kaatyanga nnyo omuyaga, naddala eggulu bwe lyamyansanga.

134 Kati bino nnabibuulirako omusajja omu, jjuuzi, amawulire gano bwe gaafuluma agakwata ku musajja oli eyawonyezebwa. Omuweereza y'omu ono n'agamba ntinno, "Abantu bakufudde katonda, Ow'oluganda Branham."

135 Ono nno, yali na mukolokosi, muli ne ndowoozaamu nti leka nneme kukifaako, mbikomye awo. Si kwagala kumwanukula bubi, omanyi, naye ngeri ya ku...Ne ŋŋamba nti, "Ekyo kyawukana nnyo ku Byawandiikibwa, okubeera ekyo?" Mukiraba? Ne ŋŋamba nti, "Nedda, tekyawukana," ne ŋŋamba nti, "kuba ne Yesu bannabbi yabayita 'bakatonda.' Okiraba? Bwe kiri, 'Katonda.'"

136 Bagenda ne bagamba mbu, "Naye, bantu mmwe mugezaako okutwala ekifo kya Katonda." Ekyo tekiri awo nti kyawukana

nnyo. Bwe kityo bwe kiri ddala. Ky'ekyo kyennyini. Katonda yeeyolekera mu mubiri, ddala nga bwe yasuubiza.

137 Bambi amaka gano, tukiraba. Omusajja ono ne mmunyumiza emboozi eno, enzijidde kati. Nti, lumu ekiro waaliwo omuyaga, nnyina wa Junior, n'amugamba nti, "Kaakati, mutabani, linnya amadaala, ogende weebake."

Akalenzi ne kagamba nti, "Maama, ntidde," bwe katyo.

"Tewali kabi kagenda kukutuukako. Yambuka waggulu weebake."

138 Ka Junior bambi ne kagalamira okwebaka waggulu eyo, nga eggulu bwe limyansa mu madirisa wonna. Kasajja kattu bambi ne katya nnyo, nga kagira ne keebikka omutwe mu bulangiti, naye era nga o—okumyansa kw'eggulu kakyakuwulira, manya nga kakyalaba ebimyanso by'eggulu mu madirisa, n'o—n'okuwulira okubwatuka nga kuwuluguma. Kye kaava kayita nti, "Maama!"

Nnyina n'addamu nti, "Oyagala ki, Junior?"

Ne kagamba nti, "Jangu eno osule nange."

139 Nnyina kye yava alinnyalinnya amadaala, era nga omuzadde omulungi yenna, bwe yandikoze. N'atuuka waggulu, n'asitula omuto Junior mu mikono gye. N'agamba nti, "Junior, maama yandyagadde okwogerako naawe katono."

Kko akalenzi nti, "Kale, maama."

140 N'agamba nti, "Kati kino olina okukijjukiranga mu mutima gwo. Tugenda mu kkanisa, bulijjo. Tusoma Bayibuli. Tusaba. Tuli maka Amakristaayo. Tukkiririza mu Katonda." N'agenda mu maaso n'agamba nti, "Tukkiriza nti, mu miyaga ne byonna ebibaawo, Katonda ye bukuumi bwaffe."

141 Kko omulenzi nti, "Maama, ebyo byonna mbikkiriza. Wabula," ne kagamba nti, "okumyansa okwo buli lwe kweyongera okusembera ennyo," ne kagamba nti, "mba—mba nneetaaga Katonda aliko omubiri ogukwatikako."

142 Kale nno, ndo—ndowooza nti, si Junior yekka, naye naffe ffenna bwe tutyo bwe tuwulira. Bwe tukuŋŋaana awamu, bwe tusabiragana, aba Katonda ayambadde omubiri ogukwatikako.

143 Era wano tukiraba nti Katonda ebbanga lyonna ku Ye kubaddengako omubiri. Musa bwe yamulaba, yaliko omubiri, nga afaanana nga Omuntu. Katonda bwe yali emabega w'entimbe, yalingako omubiri. Era Katonda, n'akawungeezi kano, mu Kkanisa Ye, abikkiddwako mu Kkanisa Ye nga Aliko omubiri ogukwatikako. Akyali Katonda y'omu, akawungeezi kano. Ekyo tukiraba.

144 Naye kaakati, nga bulijjo, eggigi ly'omubiri eribikkako lye liziyiza obulombolombo. Tebasobola yadde n'akatono kukikkiriza nti oyo aba Katonda aleetera abantu abo okukola

bwe batyo. Mukiraba? Kubanga Katonda aba abikiddwaako mu Kkanisa Ye, mu mubiri, nga Aliko omubiri. Ky'ekyo. Akwekebwa eri atakkiriza, ate n'abikkulwa eri omukkiriza. Yee, ssebo.

145 Kati, eggigi lyabwe ery'obulombolombo, ery'obulombolombo bw'abakadde n'Ekigambo, bwe lyabuluzibwamu, ha, mu buli ngeri, leero, awo alabikira ddala bulungi, ne tuba nga tumulaba, Katonda nate nga abikkuddwa mu mubiri gw'omuntu. Abaebbulaniya 1 bwe kityo bwe kigamba.

146 Era ne mu Lubereberye 18. Mujjukire nti, Katonda yali Musajja nga ayimiridde awo, alya, era nga ayogera ne Ibulayimu, n'ayogera n'ebyo Saala bye yali akola mu weema eyali emabega.

147 Yesu n'agamba nti, "Nga bwe kyali mu biro bya Sodomu, bwe kiriba ne mu Kujja kw'Omwana w'omuntu." Katonda nate nga abikkiddwa mu mubiri gw'omuntu! Kaakati, mujjukire nti, Yesu teyagamba nti, "Omwana wa Katonda bw'aliba abikkulwa." Mu Lukka essuula ey'e 17, ndowooza, awo nga mu lunyiriri olw'a 20, olw'a 21, awo bwe watyo, Yagamba nti, "Omwana w'omuntu bw'aliba abikkulwa." Omwana w'omuntu, nga akomyewo nate mu—mu—mu Kkanisa, nga abikkulwa mu bantu; so si Omwana wa Katonda, wabula Omwana w'omuntu nate, nga akomyewo nate mu Kkanisa Ye, mu nnaku ez'oluvannyuma. Tulaba nti ekyo yakisuubiza mu bisuubizo bya Katonda.

148 Tulaba n'ekintu ekirala, mu Ndagaano Enkadde. Nnina Ekyawandiikibwa wano, mu Kuva. Nti, amaliba g'eŋŋonge amakadde, gaakolanga ki? Gaakwekanga Ekitiibwa kya Katonda ne kitalabibwa bantu. Amaliba g'eŋŋonge; abantu baali tebasobola na kukiraba, kubanga eddiba lyabanga likibisse. Eddiba lyali . . . Ekitiibwa kya Katonda kyali mabega wa ddiba.

149 Ne kaakati Ekitiibwa kya Katonda kiri mabega wa ddiba lyo. Bwe kiri. Ky'ova olaba obulombolombo tebukiraba Ekyo. Kiri munda w'eggigi, awaali Ekigambo Kye.

150 Kiki ekyali munda w'eddiba eryo emabega eyo, emabega w'amaliba g'eŋŋonge amakadde?

151 Ekyo, "Mu Kyo temwali bulungi bukitwegombesa. N'okutuusa nti ne bwe kyafuulibwa omubiri ne kibeera naffe, era tekyalimu bulungi bukitwegombesa."

152 Ne kaakati kintu kye kimu. Tewali kintu kiri mu musajja oba mu mukazi, kiyinza kuyaayaanirwa. Ekikulu ky'ekyo ekiri munda emabega eyo. Ekyo kye kikulu. "Weewaawo," oyinza okugamba nti, "oyo omusajja, yalinga mutamiivu. Yakolanga *kino*." Nze ssifaayo ku biki bye yakolanga. Wabula kiki ekikwekeddwa emabega w'eddiba eryo? Kiki ekiri emabega eyo, ekyo kye kikulu. Kw'ekyo, abantu kwe bazibiddwa amaaso. Eddiba lye liziba abantu amaaso. Mukiraba? Bagenda ne

bagamba mbu, "Nzijukira omukazi oyo bwe yali akyakola kino na kiri." Mmanyi bye yakolanga, naye ate kaakati? Okiraba?

153 Amaliba ago, olumu agaali ku ŋŋonge, ate kati ge gakwese Ekitiibwa kya Katonda, nga Kikwekeddwa mabega waago. Lyalinga ku nsolo, naye kati lye likweese Ekitiibwa kya Katonda.

154 N'olwekyo naawe eddiba lyo lisobola okukyusibwa, akawungeezi ka leero, okufuulibwa ennyumba ya Katonda mwabeera, Katonda nga atudde mu muntu.

155 Labayo. Eddiba ly'eŋŋonge ekkadde, tukiraba nti, emabega waalyo waaliyo. . . Munda omwo mwe mwali Ekigambo. Era, Ekigambo, mwalimu n'omugaati ogw'okulaga. Essanduuku yali emansiddwaako. Era kyali kiki? Ekitiibwa kya Katonda kyali omwo.

156 Kati, Ekigambo Nsigo, era tekisobola kuzaala okutuusa nga Eki-. . . Omwana akyaseeko. Omwana ow'obulenzi alina okwaka ku Nsigo, okugisobozesa okuzaala, okugisobozesa okuvaayo. Era eyo ye ngeri yokka. Otwala Ekigambo, olaba, otwala Ekigambo kya Katonda mu mutima gwo, n'otambula n'oyingira mu Kitiibwa kya Katonda. Era bw'okikola, Kivaamu omugaati ogw'okulaga, Emmaanu, eyo eweebwa abantu abo bokka abaawuddwa. Ekiyinza okugiryako kyokka, ekikkirizibwa okugiryako, be bantu abo bokka abakkirizibwa era abagimanyi Eyo. Pawulo wano yagamba nti, "Okukyuka okuva mu Kitiibwa okudda mu Kitiibwa." Mukiraba, mu nkomerero, Kikomawo okutuusa nga Kizzeewo mu Kitiibwa Kyakyo ekyasooka.

157 Kifaananako n'ensigo y'ekitiibwa ky'oku makya. Ensigo y'ekimuli, egwa mu ttaka. Ensigo ya kasooli egwa mu ttaka. Kiki ekisooka? Esooka n'evaayo, nga omutunsi. Oluvannyuma n'efuuka oluyange. Awo, bw'eva mu kuba oluyange, n'eddayo n'efuuka ensigo eyasooka nate.

158 Kale nno, ekyo kyennyini Ekkanisa ky'ekoze. Yava mu Luther, Wesley, era kaakano ekomyewo mu Mpeke eyasooka, ekomyewo mu Kitiibwa kyayo ekyasooka, ekomyewo mu Kitiibwa kyayo ekyasooka ku lubereberye. Omwana eyaviirayo e Buvanjuba, ye Mwana y'omu ayoleka ekintu kye kimu e Bugwanjuba, nga akyuka okuva mu Kitiibwa okudda mu Kitiibwa. Yakyuka okuva mu bukaafiiri, n'edda mu Luther; n'eva mu Luther, n'edda mu Wesley; n'eva mu Wesley, n'egenda mu Bapentekoote; ne yeeyongerayo bw'etyo, nga egenda ekyuka okuva mu Kitiibwa okudda mu Kitiibwa, nga ezaala Emmaanu enkusike.

159 Era kaakano Eyengedde, okumukomezaawo ddala nga bwe Yali ku ntandikwa, obuweereza Bwe bwe bumu; Yesu y'omu, amaanyi ge gamu, Omwoyo Omutukuvu ye omu. Oyo yennyini eyakka ku Lunaku lwa Pentekoote, ye Mwoyo Omutukuvu y'omu alabisibwa leero, okuva mu Kitiibwa okudda mu Kitiibwa,

okudda mu Kitiibwa. Era ekomyewo ku Nsigo yaayo eyasooka, n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu; n'obubonero bwe bumu, n'eby'amagero bye bimu, n'okubatizibwa kwe kumu; ku bantu ba ngeri y'emu, nga bakola mu ngeri y'emu, n'amaanyi ge gamu, okukyamuukirira kwe kumu. Okuva mu Kitiibwa okudda mu Kitiibwa. N'ekinaddako kijja kuba, "Kukyusibwa kuva mu Kitiibwa kino, kuyingira mu mubiri nga omubiri Gwe ogw'ekitiibwa, mwe tulimulabira." Ibulayimu gwe gumu gwe yalaba.

160 Kaakati weetegereze. Tulaba engeri gye gwakyukamu. Okuva e Kalivaaliyo, twanirizibwa okugabana ku Kitiibwa Kye. Kati, mu Bakkolinso Ekisooka 12, "Tubatizibwa mu Mubiri Gwe. Okuyita mu Mwoyo omu fenna tubatizibwa." Si kuyita mu mazzi "ge gamu." "Omwoyo omu, fenna mwe twabatizibwa." Bwe kiri, kati, ne tulyoka tufuuka ekitundu ku Ye.

161 Ka nsuubire nti ssibalwisizza nnyo. [Ekibiina kiddamu nti, "Nedda."—Omuk.] Olaba? Ka nsuubire ssibalwisizza.

162 Naye, kifaananako nga okugatta awamu amaloboozi g'ebivuga eby'enjawulo, oba okuzannya omuzannyo gwa katemba.

163 Ssimanyi nnyo bikwata ku bya kugatta maloboozi ga bivuga bya njawulo yadde eby'omuzannyo gwa katemba. Naye nnali ndaba omuzannyo guno . . . Nnali njogera ku muzannyo oguyitibwa *Carmen,* muwala wange n'abalala gwe baalimu. Era baali—era baali bazannya amaloboozi g'ebivuga eby'enjawulo mu muzannyo guno oguyitibwa, *Carmen*. Nga bakubira ddala bulungi nnyo. Amaloboozi g'ebivuga gonna ga—gaali gafulumya ekintu kye kimu ekikwatagana.

164 Bwe kityo bwe kiba nga obatiziddwa n'Omwoyo Omutukuvu, okuyingira mu Kristo.

165 Kaakati, mulabeeyo, bangi ku mmwe mwali musomyeko oba mwali muwuliddeko ku bikwata ku muyiiya enzaalwa y'omu Russia eyayiiya omuzannyo oguyitibwa *Petero n'Omusege*. N'engeri gye ba, ebyo gye baabizannyamu n'amaloboozi g'ebitaasa n'ebirala. Era oyo yenna amanyi emboozi eyo, ssinga aba agisoma ku lupapula, asobolera ddala bulungi okuwulira entabula y'amaloboozi g'ebivuga eby'enjawulo, engeri gye gatambulamu, n'akazannyo, bwe kagenda, kubanga, buli kimu aba akimanyi engeri gye kikyukamu. Aba asobola okukitunuulira *wano*, n'amanya engeri gye kirina okukyuukamu.

166 Naye, kati, kiki ekibaawo ssinga—ssinga omuyiiya abaako by'awandiika, naye ne tukizuula nti mu kuzannyibwa tebivaayo bulungi? Awo tukiraba nti wabaawo ekibaawo. Wabaawo ekibulawo, bwe tubatunuulira. Omuyiiya wabyo aba yabikola era n'abiwandiika bulungi, naye abakubi b'ebivuga mu

kubikuba, ne bafulumya eddoboozi ekyaamu. Wabaawo ekikyamu. Omuyimbisa aba abaluŋŋamizza bubi. Mukiraba?

167 Kati ogwo gwe mutawaana oguliwo leero, baganda bange Abaluzalaani, baganda bange Ababaputisiti, baganda bange Abapentekoote. Baganda bange bonna okuva mu bibiina by'amadiini ebitali bimu, ogwo gwe mutawaana. Mukiraba? Kye muliko mugezaako okufulumya eddoboozi eryavuga edda mu biro bya Luther, Wesley, lityo, so nga, ddala mu butuufu, Olupapula luno okwawandiikibwa oluyimba lulaga nti tuli mu kiseera kirala nnyo. Mukiraba? Mukiraba? Mukiraba? Tetusobola kubeerawo mu musana gwa Luther; yali muddaabuluzi. Tu—tusiima ekitundu kye yakolako, naye ekyo twamala dda okukizannya. Kati tuli ludda *eno* ku nkomerero y'Ekitabo. Mukiraba? Tetusobola—tetusobola kukizannya tutyo.

168 Kati, engeri yokka gye mulisobolamu okukikola, baganda bange, ye eno. N'ab'oluganda wonna mu nsi, okuva mu bitundu eby'enjawulo mu nsi, ka njogere bwenti nti, waliwo engeri emu yokka o—omuyimbisa oyo gy'alina okukikolamu. Alina okuyingira mu Mwoyo gwe gumu Omuyiiya gwe yalimu, awo aba akifunye. Era Ekkanisa, abo Abazannya ebiba biwandiikiddwa, nga ensi enoonya okulaba obubonero buno n'ebyewuunyo; Ekkanisa, n'Omuyiiya, n'omuyimbisa, bonna ne bayingira mu Mwoyo gw'Omuyiiya.

169 Kati bwe boogera nti, "Ennaku z'ebyamagero zaayita," kiba tekifulumizza ddoboozi ttuufu.

170 Naye bwe kifulumya eddoboozi lyakyo ettuufu, n'Omwoyo gwakyo omutuufu; ogenda kukikola otya okuggyako nga Omwoyo asse, oyo ow'Omuyiiya? Amiina. Kati awo bw'ogamba nti, "Ennaku z'ebyamagero teziyitanga," Amaloboozi g'ebivuga gonna ne googerera waggulu nti, "Amiina!" Bwe tufulumya eddoboozi, ne ligamba nti, "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna," Amaloboozi g'ebivuga gonna ne googerera waggulu nti, "Amiina!" "Mulifuna amaanyi nga Omwoyo Omutukuvu amaze okubakkako." Amaloboozi g'ebivuga gonna ne googerera waggulu nti, "Amiina! Nnamufuna!" Awo kiba tekikyali kya kuteebereza buteebereza. Ebivuga byonna biba bivugira wamu n'Ekigambo. Kiba kiti . . . [Ow'oluganda Branham akuba engalo ze emirundi esatu—Omuk.] Ky'ekyo. Ha! Kintu kiyitirivu. Omuyiiya n'omuyimbisa bateekwa okuba mu Mwoyo gwe gumu. Bwe kityo n'abayimbi bateekwa okubeera mu Mwoyo gwe gumu, okusobola okukizannya kyonna obulungi. Ensi esigala yeewuunya bwewuunya kiki ekigenda mu maaso.

171 Obwannakalyak'ani bwe boogerako, bakintamizza n'okukintamya, na bino byonna eby'okwegatta na buli kimu, n'okusosola. O, otusaasire! Buno, obutaliimu buno bwonna, ate nga Okujja kwa Mukama kusembedde, waliwo ekitavuga

bulungi. Kitalo kubanga omuyimbisa yafuna . . . Abayimbisa baava mu Mwoyo gw'Omuyiiya.

172 Bwe tufuna Omwoyo gw'Omuyiiya ogwo, amaanyi ga Katonda ago agaasooka Bayibuli g'eyogerako nti, "Abantu ab'edda baakomebwako Omwoyo Omutukuvu okuwandiika Bayibuli eno," mujja kulaba obupapula bw'Ekicayina obwo obubiri nga bukwatagana, nga Bayibuli ya Katonda n'omukkiriza bwe binaakwatagana, kubanga byombi biri mu Mwoyo gwe gumu. Byombi biri kintu kimu. Bikwataganira ddala bulungi. Kye twetaaga leero be bayimbisa, bwe kiri, okuddayo ku Kigambo, okuddayo bakikkirize ddala nga bwe kigamba. Awo lw'on'olaba Katonda, Yennyini. Okwo kwe kubikkula. Akazannyo kafuuke ekintu ekya nnamaddala.

173 Ennaku zino, bagamba nti, "Oyo, Katonda eyaliwokko mu byafaayo. Tumanyi nti yayawuzaamu Ennyanja Emmyufu. Yakola na *bino* byonna. Era yali mu—mu kikoomi ky'omuliro, n'abaana Abaebbulaniya." Katonda ow'ebyafaayo agasa ki, bw'aba nga, si Ye omu olwa leero? Omuntu lubeerera agulumiza Katonda olw'ebyo bye yakola, n'alowooza ku by'Agenda okukola, naye n'atafaayo ku by'Akola kaakati. Omuntu bw'atyo bw'ali. Era kintu kye kimu mu nnaku zino, baganda bange. Kintu kye kimu kyennyini. O, bannange!

174 Leka tuddeyo tukube bulungi Amaloboozi g'ebivuga, abantu ab'ensi we banaasobolera okulaba. Yesu yagamba nti, "Bwe Ndiyimusibwa okuva ku nsi kuno, Ndiwalula abantu bonna okujja gye Ndi." Era, "Aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

175 Leka abayimbisa bayingire mu Mwoyo omutuufu, wamu n'abakubi b'ebivuga bakwatagane n'Omuyiiya, awo ebirala byonna bijja kuba bulungi. Awo tujja kuba, tetukyateebereza buteebereza, wabula tujja kuba tweyolekera wamu naye. Abaebbulaniya 13:8 wagamba nti, "Aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

176 Nga tweyoleka naye mu Bikolwa by'Abatume 2. Nga tweyoleka wamu nabo, n'okubatizibwa kwe kumu, mu kintu kye kimu. Nga byonna bye Yali mu kiseera ekyo, ne byonna by'Ali kaakati, byonna bye Yali ne byonna by'Ali, nga naffe bye tuli. Ky'ekyo kyennyini.

177 Kiringa ssinga mba njagala kuba Mumerika yennyini omutuufu, nnina okweyoleka na buli kimu eggwanga kye lyali libadde, buli kimu kye liri. Nnina okweyoleka nabyo, bwemba Mumerika yennyini omutuufu.

178 Bwemba Mumerika yennyini omutuufu, kitegeeza nnaggukira ku Plymouth Rock. Amiina. Bwemba Mumerika, nnakikola. Naawe bw'otyo; waggukira ku Plymouth Rock ne bajjajjaffe abatambuze. Ku Plymouth Rock, bwe baagoberayo, nnali wamu nabo; naawe bw'otyo, na buli omu.

179 Nneebagala ne Paul Revere embalaasi, okutalaaga wonna, okubalabula ku kulumbibwa. Ky'ekyo kyennyini.

180 Wano wennyini emmanga ku Valley Forge, nnasomoka omuzira gwa Delaware, n'ekibinja ky'abajaasi abo, kimu kya kubiri ku bo abaali tebambadde ngatto. Nnasabirawo okukeesa obudde ne George Washington, nga ekiseera ekyo tekinnatuuka. Nnasomoka Delaware nga nnina okwolesebwa mu mutima gwange. Tuli Bamerika. Yee, ssebo. Ku Valley Forge, ddala nnakikola.

181 Nneebaza wamu ne bajjajjaffe bali abaasooka Abeebaza. Nnawaayo okwebaza eri Katonda. Bwemba Mumerika ddala yennyini, nnaliwo awo ku mmeeza eyo.

182 Bwemba Mumerika ddala yennyini, nnaliwo mu kiseera ekyo bwe nnayimirira ne Stonewall Jackson.

183 Bwemba Mumerika ddala yennyini, nneenyigira mu kwekalakaasa kwa Boston Tea Party, yee, ssebo, bwe twagaana okumala gatukakaatikako ebintu bye tuteesaliddeewo. Weewaawo ddala, nga Omumerika yennyini. Ekyo nnakyenyigiramu butereevu. Yee, ssebo. O, bannange!

184 Nnakuba Ekide ky'Eddembe, ku makya g'olwa 4 Julaayi, mu 1776. Nnakuba Ekide ky'Eddembe wano ne nnangirira nti tuli ba ddembe. Okubeera Omumerika ddala yennyini, nnalina okukikola.

185 Nnagabana ku nsonyi zaalyo mu kuleeta Enkyukaakyuka, bwe baalwanagana. Nnina okugabana ku nsonyi zaalyo, mu ngeri y'emu nga bwe nnina okugabana ku kitiibwa kyalyo. Bwemba Mumerika, nnina okukikola. Nneeyoleka wamu nalyo. Yee, ssebo.

186 Nnaliyo emmanga eyo e Gettysburg, Lincoln bwe yali ayogera. Yee, ssebo.

187 Nnaliyo ku Kizinga Wake, ku mirambo gy'abaserikale egyo egyali gijjudde omusaayi. Nnagolokokera ku Kizinga Wake.

E Guam, nnayambako mu kuwanika bbendera eyo.

188 Ndi Mumerika yennyini. Amiina. Kyonna ky'eri, kye ndi, era nkyenyumiririzaamu. Mazima, ddala. Kyonna Amerika kye yali ebadde, ne kyonna ky'eri, ekyo kye nkyali, okubeera Omumerika. Buli kyonna kye yali, nange nnina okukiba, kubanga nneeyoleka wamu nayo.

189 Kye kintu kye kimu, n'okubeera Omukristaayo omutuufu, olina okweyoleka awamu nakyo.

190 Nnabuulira ne Musa, ne nda-. . . manyanga ne Nuuwa, ne ndabula abantu ku musango ogwali gubindabinda; bwe mba Omukristaayo ddala.

191 Nnali ne Musa mu kisaka ekyaka. Nnalaba Empagi y'Omuliro. Nnalaba Ekitiibwa Kye. Nnali ne Musa waggulu eyo

mu ddungu, okubeera Omukristaayo. Nnina okweyoleka wamu na buli kintu kyonna Katonda kye yali, okubeera Omukristaayo. Nnalaba Ekitiibwa Kye. Nnawulira Eddoboozi Lye. Kati togezaako kunnyinyonnyola mbu tebyaliwo, kubanga nnaliyo. Bye njogerako mbimanyi. Ebyaliwo nnabiraba. Yee, ssebo.

192 Nnali ku Nnyanja Emmyufu, bwe nnalaba Omwoyo wa Katonda nga akka wansi n'ayawula amazzi okugazza ku ludda; tekwali kusomoka bitoogo, nga bwe bagezaako okwogera ennaku zino, wabula kwali kusomoka nnyanja eya fuuti nga kyenda okukka wansi. Nnalaba Omwoyo wa Katonda. Nnatambula ne Musa ku ttaka ekkalu eryo, nga tusomoka Ennyanja eyo Emmyufu.

193 Nnayimirira wabbali w'Olusozi Sinaayi ne ndaba okubwatuka kw'eggulu n'okumyansa nga bikka wansi. Nnalya nabo Emmaanu nga bali eyo. Nnanywa okuva mu Lwazi olwo. N'akawungeezi ka leero nkyanywa. Nnali wamu n'abaalya Emmaanu. Nnali wamu n'abo abaanywa okuva mu Lwazi.

194 Era nneeyoleka ne Yoswa bwe yafuuwa ekkondeere, ebisenge bya Yeriko ne bigwa wansi.

Nnali wamu ne Danyeri mu mpuku y'empologoma.

Nnali wamu n'abavubuka Abaebbulaniya mu kikoomi ky'omuliro.

Nnali ku Lusozi . . . wamu ne Eriya ku Lusozi Kalumeeri.

195 Nnali ne Yokaana Omubatiza, mu maaso g'abakolokosi abo. Nnalaba Omwoyo wa Katonda nga akka. Nnawulira Eddoboozi lya Katonda nga lyogera nti, "Ono ye Mwana Wange mwe Nsanyukira okubeera." Yee, ssebo. Mazima ddala nnali wamu naye. Ekyo kituufu ddala.

196 Nnaliyo ku ntaana ya Laazaalo, bwe Yazuukiza Laazaalo. Nnaliwo, omukazi eyali ku luzzi, bwe Yamubuulira ebibi bye. Yee, ssebo.

197 Mazima ddala nneeyolekera wamu naye mu kufa Kwe. Era nneeyoleka ku Ppaasika eyasooka. Nnazuukira naye okuva mu kufa. Ne mu kufa Kwe nnali wamu naye.

198 Nnali wamu n'ekikumi-mu-abiri, mu kisenge ekya waggulu. Nnali omu ku bo. Abaffe! Mpu—mpulira nnyingidde mu mwoyo. O, bannange! Nnali wamu nabo eyo. Ndi omu ku bo. Nnaliwo. Nnafuna obumanyirivu bwe bumu bwe baafuna. Nnaliyo nga kibaawo, okuba Omukristaayo omutuufu. Nnalabira ddala Empewo ey'amaanyi nga ejja. Ekyo nnakiraba. Nnawulira amaanyi ga Katonda bwe gaali gayuuguumya. Nnali wamu n'abo abaayogera mu nnimi. Nnawulira okufukibwako amafuta okwo nga kujja. Nnali wamu nabo. Nnali wamu nabo Omwoyo Omutukuvu bwe yatandika okuboogereramu, ennimi.

199 Nnali wamu ne Peetero, mu maaso g'abakolokosi mu Bikolwa by'Abatume 2, bwe yabuulira obubaka obwo obw'amaanyi, bwe yabuulira. Nnali wamu naye. Yee, ssebo.

200 Mu Bikolwa by'Abatume 4, bwe baakuŋŋaana awamu, nnali wamu nabo ekizimbe bwe kyayuuguuma. Olukuŋŋaana lw'okusaba nga luwedde, ekizimbe mwe baali batudde kyayuuguuma. Nnaliyo wamu nabo.

Nnabuulira ne Pawulo ku Kasozi Mars. Yee, ssebo.

201 Nnali ne Yokaana ku Kizinga Patumo, ne ndaba Okujja Kwe okw'omulundi ogw'okubiri.

Nnali ne Luther mu kuddaabulula.

202 Nnali ne Wesley oyo, eryanda ly'omuliro; eryaggyibwa mu kyoto, mu keediimo ako ak'amaanyi akaali kawakanya ekkanisa y'Abangirikaani. Nnali wamu naye.

203 Era nzuuno ne wano akawungeezi kano, mu 1964, mu Philadelphia, Pennyslvania, nga nneeyoleka wamu n'ekibinja ky'abantu be bamu, abaafuna obumanyirivu bwe bumu. Bwe nteekwa okukola, okubeera Omukristaayo. Nteekwa okusigala nga ndi awo Ekigambo kya Katonda we kirabisibwa. Nneeyoleka wamu n'ekibiina ekiwulira Omwoyo wa Katonda.

204 Nneeyoleka wamu n'ekibiina ky'abo abamanyi nti Abikkuddwa, abamanyi nti Ye omu jjo, leero n'emirembe gyonna, abamanyi nti bino si bya buzoole. "Ye Yesu Kristo omu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Ndi wamu n'ekibiina ekyo wano, akawungeezi ka leero. Newankubadde nga, bayitibwa kibinja kya bantu abakyamya, mbu kibinja ky'abazoole, olw'Ekigambo kya Katonda. Naye nze, "Enjiri ya Yesu Kristo tenkwasa nsonyi, kubanga Ge maanyi ga Katonda agalokola," era ndi omu ku bo. Ndi wamu n'ebbaluwa ezo ennamu empandiike ze nnayogeddeko, ezaakakasibwa, Katonda nga yeekweese mu kifaananyi ky'omuntu, mu basajja n'abakazi. O!

205 Katonda mu *en morphe* Ye nate, nga Azzeemu okwebikkula ne Yeeyoleka eri abantu Be. Oyo Kabaka ow'ekitalo eyateeka ku bbali Ekitiibwa Kye. "Esigadde akaseera katono ensi obutandaba nate. Gye bali nja kuba mbikkiddwaako. Naye mmwe munandaba, kubanga Nja kuba nammwe, era mu mmwe, ebbanga lyonna okutuukira ddala ku nkomerero, nga nkyukakyuka okuva ku Luther okudda ku Wesley, n'okweyongerayo, okuva mu Kitiibwa okudda mu Kitiibwa. Nkyali Katonda y'omu eyaliwo, era nzirayo mu Kitiibwa ekyasooka." Aleruuya!

206 Amenyemenye buli ggigi lyonna ery'ekibiina ky'eddiini, na buli muziziko gwa ddoboozi. Eddoboozi eryo erigamba nti, "Ha, obwo buzoole," eryo yalyabuluza n'Aliyitamu. Eddoboozi eriva eyo, erigamba mbu, "Ha, abo balalu," eryo eggigi yalyabuluza n'Aliyitamu. Weewaawo, yakikola. "Ha, temusobola kukikola.

Temuliimu makulu wabula muli bazoole buzoole." Ekyo yakyabuluza n'Akiyitamu. "Ebyo eby'okuwonyezebwa Katonda nga omuntu asabiddwa tebiriiyo." Ekyo yakyabululizaamu ddala n'akiyitamu, o, bannange, kubanga Ekigambo bwe kityo bwe kigamba nti bw'Alikola. Tosobola kumegga Kigambo kya Katonda.

207 Era kaakano wuuyo Ayimiridde, ne, akawungeezi ka leero, nga Omuwanguzi ow'amaanyi, okuva lwe yayabuluzaamu buli ggigi ly'Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibiteriyani, na buli ggigi eddala lyonna. Akyayimirira mu bantu Be, n'akawungeezi kano, nga tameggebwa bulombolombo. Leka abantu bakole byonna bye baagala, boogere byonna bye baagala, buli kyonna kye baagala. Katonda ajja buzzi, n'abotola okuyita mu muziziko ogwo ogutayitwamu eddoboozi.

208 Ate mujjukire nti, baŋŋamba nti, ennyonyi bw'ebotola omuziziko gw'eddoboozi ogwo, emisinde gyayo giba tegikyakugirwa.

209 Nkubuulira, bw'obotola omuziziko gw'obulombolombo ogwo, ogw'okugamba mbu, "Yesu yaliwo dda nnyo, kati takyaliwo," n'okizuula nti Ye omu jjo, leero n'emirembe gyonna, ebintu Katonda by'aba asobola okukola mu lukuŋŋaana luno lwennyini biba tebiriiko kkomo, n'alaga ensi eno kye yeetaaga: nti si mwoleso gwa nsi, wabula okudda obuggya okw'ensi yonna okunaaba kujjuddemu era nga kubatiziddwa n'Okubeerawo kwa Katonda omulamu, *en morphe* nga Yeebikkulira mu mubiri gw'omuntu. Aleruuya! Nkikkiriza.

210 Abotodde buli muziziko gwonna, buli ggigi lyonna, buli ggigi lyonna! Tewakyali kisobola kukweka Kubeerawo Kwe. Abantu bwe balumwa enjala mu mitima gyabwe, wabaawo eggigi erinaatera okumenyebwa. Ekyo osobola okukyesigamako nti bwe kiri. Yuza buli ggigi, nga okozesa Omwoyo We Omutukuvu ow'amaanyi!

211 Era wuuno Ayimiridde wano, akawungeezi ka leero, oyo Omuwanguzi ow'amaanyi, nga y'omu jjo, leero n'emirembe gyonna; nga awonya abalwadde, nga abatiza abakkiriza, nga bwe yakolanga. Ye Muwanguzi ow'amaanyi. Emizimu egyasalirwa omusango gisattira. Yee, ssebo. Bulijjo bwe giba, bw'Abaawo.

212 Nga mmaliriza, ka njogere kino. Waaliwo. . . Nnina bye nnasomako, emyaka mingi egiyise, ku mukubi w'endingidi enzungu. Yalina endingidi enkadde gye baali bagenda okutunda. Emboozi eyo mugiwuliddeko emirundi mingi. Era baalina ensonga eyali egibatunza. Omukubi w'ennyondo amala ebbeeyi n'abuuza nti, "Ani anampa *bwe ziti*?" Nzikiriza waaliwo abaali bamuwa obusente obutonotono, oba oli awo nga ssente ataano, oba bwe zityo. "Mbala omulundi gumu, ebiri, . . . "

213 Butereevu, emabega ne wasitukayo omusajja. N'agamba nti, "Lindako katono." N'ajja mu maaso n'agikwata. Leka tugambe nti luno lwe luyimba lwe yakuba:

> Waliwo Ensulo ejjude Omusaayi,
> Ogwakulukuta okuva mu misuwa gya Emanweri;
> Aboonoonyi bwe bebbika mu mugga ogwo,
> Banaazibwako amabala g'ebibi byabwe gonna.

214 Yagenda okugiteeka wansi, nga tewali atakulukusa maziga. N'alyoka abuuza nti, "Ani anaagula?"

215 Omu n'agamba nti, "Enkumi ttaano." "Mutwalo." Nga kati tewaali muwendo gugigyamu. Lwaki? Nna—nnannyini ndingidi yali abikkudde omuwendo gwayo omutuufu.

216 O, ow'oluganda, mwannyinaze, kaakano leka Omukulu nnannyini Kigambo kino, Oyo eyakiwandiika, Omwoyo Omutukuvu ow'ekitalo, asiige akabaani ku mutego Gwe n'okwagala, agukuube nga aguyisa ku mutima gwo.

> Waliwo Ensulo ejjudde Omusaayi,
> Ogwakulukuta okuva mu musuwa gwa Emanweri;

217 Ojja kulaba omuwendo gwennyini omujjuvu, era olabe Katonda atabikkiddwaako nga alabika mu butangaavu. Nti, Ye omu ddala nga bwe yali bwe yakka ku Lunaku lwa Pentekoote, ku bantu, bwe ye *kenos*-inga Ye kennyini, "yeefukumulira ddala" mu bo. Bwe kiri.

218 Oyinza okugamba nti, "Ow'oluganda Branham, Ngezezzaako. Ngezezzaako. Nkoze *kino, kiri,* ne *kiri*."

219 Lumu nnalina olukuŋŋaana e Carlsbad, mu New Mexico. Ne tuserengeta mu mpuku y'obuwundo eno eyali enkadde. Yonna yali etiisa nnyo, naye ne tuyingirayo. Kati o—omusajja, olwayingira ati munda mu kifo kino, n'a—n'azikiza amataala. Era, ha, bannange, nkubuulira ekizikiza ekyali muli. Kyali . . . Kyali kikwafu nnyo nga kyenkana osobola n'okukikwatako.

220 Kati nno bwe bityo n'ebiseera bwe bigenda bifuuka, bwe tulaba ekkanisa eremererwa okulaba Ekigambo kya Katonda; bw'olaba bawala baffe aba Sayuuni nga beeyisa nga bwe beeyisa; bw'olaba baganda baffe abafuuwa ssigala n'okunywa omwenge, n'o—n'okusaagasaaga eby'ekisiru n'ebintu ebirala, ate ne basigala nga baatula mbu bakkiriza Kristo. O, bannange, ekizikiza kikutte. Kizikiza zigizigi.

221 Tulaba akabonero k'Okujja Kwe. Wagenda kubaawo . . . Bulijjo obudde bwe buba bunaatera okukya ekizikiza we kisinga okukwata ennyo. Awo Emmunyeenye ey'Enkya n'eryoka evaayo okumulisa olunaku, n'okulukulembera, n'okulaga nti lujja. Mwetegereze.

222 Munda muli, bwe baazikiza amataala ago, waliwo akawala akaaleekaanira ku ntikko y'eddoboozi lyako. Kati waaliwo akalenzi akaali kayimiridde awo ku mabbali g'omuluŋŋamya, akaalaba omuluŋŋamya oyo nga ajjako amataala ago. Kati kannyina kaabula kata kagwe eddalu. Kaaleekaana, ne kabuukabuuka. "O! Kiki ekiddirira? Kiki ekibaddewo? Kiki ekibaddewo?"

223 Omanyi akalenzi mu kuleekaana bwe kaamuddamu? Kaagamba nti, "Totya, mwannyinaze. Wano waliwo omusajja asobola okuteekako amataala."

224 Wuliriza, bambi mwannyinaze, oyinza okulowooza nti tuli batono era ffe tusingayo obutono. Naye, totya. Wano waliwo Omusajja asobola okuteekako Amataala. Oyo ye Mwoyo Omutukuvu. Mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

225 Tukotekeko emitwe gyaffe okumala akaseera katono. Munsonyiwe okubalwisaawo.

226 Ayi Katonda omukulu ow'omu Ggulu, Ggwe eyeebikkula, Eyeeyanjuluza Eyeeyoleka, Kabaka ow'Ekitiibwa eky'ekitalo, twala eby'okulabirako bino ebitono, akawungeezi kano, obireetere okukka mu mitima gy'abantu. Tusaba tulabe Oyo eyeebikkula, Oyo Eyakka wansi n'ayuza eggigi lya yeekaalu; n'afulumayo mu ggigi eryo, n'akomawo nate wansi mu ggigi ery'emibiri egy'obuntu, ku Lunaku lwa Pentekoote; nti abaddenga y'omu, nga akyuka bukyusi okuva mu Kitiibwa okudda mu Kitiibwa.

227 Era nga kati tukomeddewo ddala nga obutonde bwonna, bwe bukola, okukomerawo ddala ku Nsigo nnakabala, okuviira ddala mu mulembe gw'ekkanisa ogumu okugenda mu mulala. Ne mu mulembe guno ogusembayo, tuutuno, nga tukomyewo ku Kintu kyennyini nnakabala ekyakka ku Lunaku lwa Pentekoote, okutuukiriza buli Kyawandiikibwa kyonna, "Omusana mu kiseera eky'Akawungeezi," n'ekigamba nti, "Emirimu gye nkola nammwe muligikola," n'ebintu bingi nnyo bye Wasuubiza mu Kigambo Kyo.

228 Kitaffe, wano bwe waba nga waliwo atannaba kubotola kuyita mu ggigi eryo, oba bwe wabaawo omuntu wano nga ye ageegeenya bugeegeenya oyo eyabotola n'ayita mu ggigi, musaasire, akawungeezi ka leero, Kitaffe. Leka alabe Omuwanguzi oyo ow'amaanyi ayimiridde wano, nga ajjudde ekisa n'amaanyi, okusonyiwa. Kituwe, Kitaffe.

229 Nga tukyakotese emitwe gyaffe, muno mulimu abamu? Leka mbuuze nti, bameka, abagamba nti, "Ow'oluganda Branham, nnyimusizza omukono gwange. Nsabira"? Omutwe gwo sigala nga ogukotese, oyimuse omukono gwo, "Njagala kubotola buli ggigi lyonna, okutuusa nga ndabidde ddala Omuwanguzi." Katonda akuwe omukisa. Bannange, emikono! Waggulu ku

mwaliiro ogwa waggulu, ku ddyo? Katonda abawe omukisa. Ku myaliiro gya waggulu n'emabega? Muwanike . . . Katonda abawe omukisa. Mubeere beesimbu ddala. Ku kkono? Wanika omukono gwo, ogambe nti, "Ow'oluganda Branham, nnyinza okuba nga mbadde Mukristaayo okumala emyaka egiwerako, naye, amazima, ssiyitanga mu ggigi eryo. Amazima gali nti ssikikolanga. Ssifunanga kintu Ekyo kye baalina mu kiseera kiri." Olwa leero, tulina . . . "Ndi kimera ekisimbiddwa mu ccupa."

230 Ddira ekimera ekyasimbibwa mu kibya, obeera olina okukiwembejja, okukyegendereza ennyo, okukifuuyira, okukifukirira. Naye ekimera ekyo nnakabala ekikulira eyo mu ddungu, eky'ekika kye kimu, oba ekikifaanana; tekifuna yadde otuzzi, naye tewali buwuka bukirya. Kiba kigumu. Nga nnakabala.

231 Osobola okugeraageranya Obukristaayo obw'omu nnaku zino, n'Obukristaayo bwe bwali mu kiseera kiri? Oyinza okuteebereza ekibinja kino, be tuyita Abakristaayo ennaku zino, mu nsi yonna, okuba nti bafaanana ne bali abaaliwo oluvannyuma lwa Pentekoote; nga babawembejja ne babasiisitira, nga bava mu kkanisa emu bwe badda mu ndala, nga, olwogera ky'otayagala osituka busitusi n'ofulumirawo? Era, ha, ekyo oyinza okukifumiitiriza? Nedda. Kiki ekyabaawo? Kuzaala bintu bitali binnakabala.

232 Michelangelo, eyayola ekibajje kya Musa, ekyo oyinza okukiggyamu ebifaananyi ebirala, ku bbeeyi layisi. Naye, kiri kyennyini?

233 Eyasiiga ekifaananyi ky'Ekyeggulo kya Mukama waffe ekyasembayo, ndowooza ekifaananyi ekyo ekyasooka kyali kimalawo obukadde bwa doola, bw'oba wali osobola okukigula. Ssimanyi na gye kyalaga. Naye osobola okugula ekya layisi ekyava mu ekyo ku doola nga emu ne ssente kyenda mu munaana. Osobola.

234 Era bwe kityo bwe kiri ne mu nnaku zino. Omukristaayo owa layisi, eyayozebwa mu oli, eyeegatta obwegassi ku kkanisa, osobola okumusigula nga okozesa munwe bunwe gwa ssigala oba—oba omwenge obwenge. Oba, bwe baba bakazi nga okozesa musono gwa nviiri nsale oba emimwa emisiige langi, osobola okumusigula nga okozesa ekintu kyonna mu misono gy'ensi. Naye oyo owa nnamaddala tosobola kumukwatako.

235 Mmulaba mu bulamba nga bw'Afaanana, ye omu jjo, leero n'emirembe gyonna.

236 O, ggwe Omukristaayo, tewandyagadde kubeera Mukristaayo yennyini? Bwe waba waliwo ataayimusizza mukono gwe, oyinza okuguyimusa? Kuba, ŋŋenda kusaba. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Ha, ekyo kirungi. Tunuulira ekyo.

237 Kitaffe Ow'omuggulu, "Ekigambo Kyo tekiridda gy'Oli nga kyereere." Ggwe wakola ekisuubizo. Nze kye nvunaanyizibwa kwe kwogera nti wakyogera. Nziramu buzzi Bigambo Byo. Wagamba nti, "Awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma alina Obulamu Obutaggwaawo." Wakisuubiza.

238 Era, Mukama, tumanyi nti ebyo eby'ekikwangala tubirina mu bungi ennaku zino, abo abagamba mbunno bakkiriza, so nga, tebakkiriza. Bajja. Naye ate, Mukama, waliwo n'abatuufu, aba nnamaddala.

239 Nsaba nti Onookikola, munda muno, akawungeezi kano, nti buli musajja na mukazi, omulenzi oba muwala, ka babe ba ggwanga ki, ba langi ki, bava mu kkanisa ki, Ayi Katonda, bajjuze. Nsaba balabe okweyoleka kwennyini okwa Yesu y'omu oyo leero, wano wennyini mu makkati gaffe, nga bwe yali ku Lunaku lwa Pentekoote, bwe yeebikkula Mwene olw'omulembe guno, nti ye Mwoyo Omutukuvu. Kituwe, nga bwe tulaba nti Ebigambo bituukirira, obunnabbi butuukirira!

240 Tugeraageranya, ennaku zino, ekiyitibwa ekkanisa ey'ensi yonna, Akakiiko akagatta Amakanisa g'Ensi yonna, ne tukageraageranya n'ekisuubizo ky'oku Pentekoote? Nga tebirina we bifaanaganira, n'akatono. Ebyambalo byaffe ebiddugala tebisobola kutukuzibwa ku musingi ogwo.

241 Naye, Mukama Katonda, ssinga tunaakomawo ku Nsulo eyo, waliwo omutendera gw'okulongoosebwa, olwo obumanyirivu bwaffe wamu n'Ekigambo kya Katonda bijja kuba bituukana. Olwo, tujja kuba tusobola okubanja ebyaffe. Kituwe, Mukama, akawungeezi kano, nga bwe mpaayo abantu bano mu mikono Gyo. Tuwe buli omu kye yeetaaga, Kitaffe. Tusabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

242 Katonda abawe omukisa. Mwebale, nnyo, olw'okuyimirira, okumala ebbanga eddene. Munsonyiwe okubalwisa okutuusa essaawa ennya n'eddakiika kkumi. Katonda abeere nammwe okutuusa lwe tunaalabagana ku makya. Kaakati olukuŋŋaana ka nduzzeeyo, ndowooza eri, kalabaalaba w'omukolo.

Katonda Ow'Amaanyi Nga
Abikkuddwa Mu Maaso Gaffe LUG64-0629
(The Mighty God Unveiled Before Us)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Mmande akawungeezi, nga Jjuuni 29, 1964, ku lwa Full Gospel Business Men's Fellowship International convention mu Woteeri ya Bellevue-Stratford mu Philadelphia, Pennsylvania, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2021 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org